AKABONERO

. . . okusomebwa kw'Ekigambo. Olw'olukuŋŋaana olusembayo, ensonga lwaki mbasabye muyimirire . . . Bwe bakuba oluyimba lw'eggwanga olwa *Bbendera Ey'Emmunyeenye,* muyimirira. Ssi bwe kiri? [Ekibiina kiddamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Kaakati lwaki ekyo tekikolebwa nga Ekigambo kya Katonda kisomebwa? Kikolebwa kuwa kitiibwa. Kati mu Kitabo ky'Okuva, essuula ey'e 12, okutandikira ku lunyiriri olw'e 12, njagala mbeeko ekitundu ky'Ebyawandiikibwa kye nsoma, olunyiriri olw'e 12 n'olw'e 13.

> *Kubanga ndiyita mu nsi ey'e Misiri mu kiro kiri, ndikuba . . . ababereberye mu nsi ey'e—ey'e Misiri, omuntu era n'ensolo; era . . . ndisala emisango: Nze* MUKAMA.

> *Awo omusaayi gulibabeerera* gye muli *akabonero ku* nnyumba *ze mulimu; era bwe ndiraba omusaayi, ndibayitako, so tewalibeera lumbe ku mmwe okubazikiriza, bwe ndikuba ensi ey'e Misiri.*

2 Eky'okuyigirizaako kyange kigamba nti: *Akabonero*.

3 Kati leka tukoteke emitwe gyaffe. Kati mu kasiriikiriro Ke ak'akaseera kano akatukuvu, nga tetunnaba kumutuukirira mu kusaba, waliwo ky'osabira kye wandyagadde Katonda ayanukule olw'eggulo luno? Yimusa buyimusa emikono gyo bw'oba okirina, era ofumiitirize munda mu mutima gwo ku ky'oyagala Akole. Wonna w'oli mu kizimbe, lowooza ku ekyo ky'oyagala Akole.

4 Kitaffe ow'omu Ggulu, Ggwe Katonda atakyukakyuka, era tukusaba Oyanukule essaala zaffe, olw'eggulo luno, nga—nga tuyimusizza emikono gyaffe. Era Olaba nga n'emikono gyange nagyo, giyimusiddwa. Nze kye nsaba, leka nkyogere mu lujjudde, kiri nti, Mukama, nkusaba Owonye buli muntu ali wano leero, lokola buli eyabula. Kati, Wagamba nti, "Bwe munaasaba Kitange ekintu kyonna, mu Linnya Lyange, Nnaakikola." Kati, Mukama, tuyambe fenna okukkiriza nga abantu abali awamu, abaana abakkiriza. Yogera okuyita mu Kigambo Kyo, ayi Mukama. Ekigambo Kyo ge Mazima. Wa omukisa emitima gyaffe.

5 Tukwebaza olw'olukuŋŋaana luno. Tukwebaza olw'Ow'oluganda Grant, n'olw'abonna b'akola nabo, wamu n'amakanisa gonna n'abantu. N'olwa byonna by'Otukoledde, Mukama, tubikwebaliza. Kitaffe, wayinza okubaawo bangi ku ffe abali wano nga tetuliddamu kulabagana nate, okutuusa lwe tulirabagana ku ludda luli. Luno lwandiba nga lwe lukuŋŋaana lwe tusembyeyo okutuula awamu ku nsi kuno. Tusaba Omwoyo

Omutukuvu ajje atuwe omukisa ffenna wamu, aweereze eri ebyetaago byaffe. Tusabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Muyinza okutuula.

6 Nninawo wano akatabo, mwe mpandiika Ebyawandiikibwa n'obuntu obutonotono. Nnateranga okuba nti nsobola okubijjukira mu birowoozo byange, naye kati nsussizza emyaka abiri mu etaano, nga bwe mumanyi, nga kati ngisussizza, omulundi ogw'okubiri. Kale sikyasobola kujjukira nga bwe nnajjukiranga, kw'ossa n'okubeera ennyo mu nkuŋŋaana n'ebintu ebirala, wamu n'eby'okukola ebingi.

7 Eky'okuyigirizaako kyaffe olw'eggulo luno kigamba nti: *Akabonero*. Ekifaananyi kyaffe kye tugenda okwogerako kitandikira Misiri. Kifaananyi kikulu nnyo wano kati, njagala mwenna mukirabe era mubeere bakkakkamu ddala nga bwe kisoboka. Misiri kye kifo bino gye byali, era ekiseera we byabeererawo ky'ekiseera ekyo nga okuva kutandika.

8 Era, kati, kifaananyi ekyoleka, ekigenda mu maaso leero, nga naffe bwe twolekedde okuva okulala. Katonda okufulumya Isiraeri e Misiri, okubatwala mu nsi ensuubize, kyali kifaananyi ekyoleka Kristo nga afulumya Omugole mu kkanisa, amutwale mu Nsi ensuubize. Tuli mu kuva okulala. Kati singa musobola okufuna obudde okuyiga n'okwekkaanya Ebyawandiikibwa, wano obudde tulina butono nnyo bwa kunokolayo nsonga enkulu zokka, mujja kukiraba nga ekyo ddala bwe kiri. Ye ffe a . . . Nga Katonda bwe yafulumya eggwanga okuva mu ggwanga eddala, Katonda ajja kuggyayo Omugole okuva mu kkanisa. Omugole ajja kuyitibwa okuva mu makanisa gonna. Bajja kubeera balonde ba Katonda, be bajja okuggyibwaayo. Era tuli ku njegooyeego z'okuva okwo mu kaseera kano kennyini, kubanga tulina obukakafu bwonna obw'Ebyawandiikibwa obukakasa nti awo we tuyimiridde. Kati, nkimanyi nti ekyo kyogeddwa emirundi mingi, naye, mukwano gwange, lumu kijja kwogerwa omulundi ogusembayo. Ku olwo ebiseera biriggwaawo ne bibulira mu Butaggwaawo. Ajja okuggyayo Omugole okuva mu kkanisa.

9 Akabonero kye kintu ekyakolawo enjawulo wakati wa Misiri ne Isiraeri, amawanga gombiriri. Bonna baali bantu, era nga bonna Katonda ye yabatonda, nga bonna mulimu gwa ngalo za Katonda, naye, enjawulo eyaliwo ekibonerezo ky'okufa bwe kyayisibwa, enjawulo eyaliwo wakati w'obulamu n'okufa kaali kabonero.

10 Era bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana wa Katonda, bw'Aliggyayo Omugole okuva mu kkanisa, enjawulo eriba Akabonero. Kati, muwulirize bulungi olw'eggulo luno, mulabe oba nga ekyo si kituufu. Enjawulo eriba Kabonero. Wateekwa okubaawo enjawulo.

11 Katonda, lumu alisalira ensi omusango. Ssinga mbuuza Abakatoliki nti, "B'ani b'Alisalira, Alisinziira kuki okusalira ensi omusango?" Bandiŋŋambye nti, "Alisinziira ku kkanisa." Ku kkanisa ki? "Ku ekereziya Katolika." Ekereziya Katolika eruwa ku zonna? Waliwo eziwerako. Abamesodisiti bandigambye nti, "Alisinziira ku Bamesodisiti," awo Ababaputisiti babeera balekeddwa bweru. Ate, bw'ogisalira omusango nga osinziira ku Babaputisiti, olwo abalala bonna babeera balekeddwa bweru. Abapentekoote nabo bwe bagamba nti, "Alisinziira ku Bapentekoote," kitegeeza abalala bonna babeera balekeddwa bweru. Mukiraba, kiba kijja kuvaamu kavuyo, akavuyo akayitirivu, kitabulira ddala ebirowoozo, okulowooza ku kintu eky'engeri eyo.

12 Naye Katonda alina wano eno engeri gye Yagamba gy'Ajja okukozesa okusalira ensi omusango, tajja kusinziira ku ekereziya Katolika, ate tajja kusinziira ku kkanisa ezaawakanya Obukatuliki. Naye Ajja kusalira ensi omusango nga asinziira ku Yesu Kristo, ate Yesu ye Kigambo, n'olw'ekyo kikomawo ku Bayibuli nate. Mukiraba? Alisalira ensi omusango nga asinziira ku Bayibuli. Era Bayibuli ky'Ekitabo kya Katonda ky'akozesa okusala omusango, nga kwe kubikkulirwa kwa Yesu Kristo okujjuvu, nga tewali kirala kyonna kiyinza kugyongerwako oba okugitoolebwako; nga ekibonerezo ky'okukikola, ly'erinnya lyo okuggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu. Ggwe weekumire munda mu Kitabo, era tusabe Katonda atufuule kitundu ku Ekyo.

13 Kati tulaba, akabonero, akabonero kategeeza ki? Akabonero ky'ekintu ekiraga nti omuwendo gusasuddwa, akabonero ekyo kye kategeeza. Nga bw'olaba ku nguudo zaffe ez'eggaali y'omuka ne ku bbaasi, tukwata ssente zaffe ne tugenda we zisimba. Kaakati, mulabeeyo, aba bbaasi tebakkirizibwa, mu bifo gye bakozesa ttikiti, tebakkirizibwa kukwata ssente. Tebasobola kukkiriza ssente, batwala ttikiti; gamba nga, ku nnyonyi, n'awalala. Obaako ekifo ekimu w'ogenda, we basasulira, n'ogula, nga okozesa ssente zo, n'obaako ttikiti z'ogula, okusinziira ku ntambula gy'ogenda okukozesa. Kati ttikiti eno ky'ekintu ekiraga nti ebisale byo eby'entambula byasasuddwa. Okkirizibwa okulinnya emmeeri, oba okulinnya ennyonyi, oba okulinnya bbaasi, oba entambula gy'obeera ogenda okukozesa, kasita obeera ne ttikiti eraga nti—nti ebisale byo eby'entambula byasasuddwa. Kati ekyo mukijjukire. Temukyerabira.

14 Omwana gw'endiga abaana ba Isiraeri gwe batta gwe gwali . . . gwali kisaanyizo Katonda kye yali abanja kikolebwe. Yakuwa yali abanja wabeewo omwana gw'endiga oguttibwa, ekintu ekitalina musango okutwala ekifo ky'ekirina omusango. Nga bwe tubadde tukyogerako mu wiiki eyakaggwa, nti Katonda, bw'Akola okusalawo, takukyusa. Era Yassaawo ekkubo, ekintu Kye ekyasooka kye Yakola nga omuntu

agudde, Yalina okumuteerawo ekkubo ery'okukomawo, bw'Aba ow'okwagala okumununula, na bwe kityo Yakola okusalawo nti Yalokola omuntu okuyita mu Musaayi gw'Oyo atalina musango. Era lubeerera Akoze ekintu kye kimu. Takikyusangako. Tewali kifo kirala kyonna Katonda w'alisisinkana musinza yenna, okuggyako wansi w'Omusaayi. Ekyo ky'ekifo Kye kyokka.

15 Tugezaako okumuleetera okutusisinkana wansi w'enjigiriza zaffe ez'eddiini, mu ddiini yaffe, mu nteekateeka zaffe ez'eby'enjigiriza. Abamu bazimbye eminaala abalala bazimbye ebibuga, Babulooni ne—n'omunaala gwa Babeeri, n'ebintu ebirala ebya buli ngeri. Naye era kisigala kiri nti, omusinza ow'amazima Katonda amusisinkanira wansi wa Musaayi wokka. Ekyo takikyusa. Ffenna tetusobola kubeera Bamesodisiti, ffenna tetusobola kubeera Bapentekoote, ffenna tetusobola kubeera *kino, ekyo,* oba *kiri,* tujja kwawukana mu ndowooza. Naye bwe mbaako omuntu yenna gwe nsisinkana, k'abeere faaza Omukatuliki oba kyonna ky'ali, bw'aba ali wansi w'Omusaayi ogwo tuba baaluganda, ssifaayo agwa wa, kasita aba nga ali wansi w'Omusaayi ogwo.

16 Kati, omwana gw'endiga abaana ba Isiraeri gwe batta gwe gwali ekyo Yakuwa kye yali abanja kikolebwe, era omusaayi gwe gwali akabonero akalaga nti omulimu ogwo gukoleddwa. Katonda yali abanja olw'obununuzi okusobola okubaawo, okuva e Misiri, okugenda mu nsi ensuubize, Yali abanja wabeewo ensolo ettibwa. Era nga ensolo eyo eteekwa okuba . . . Omusaayi gw'ensolo eyo ettiddwa gwali guteekwa okuteekebwa ku mufubeeto ne ku luggi, era ekyo kye kyakola nga akabonero nti ekintu Yakuwa ky'abadde abanja kikolebwe kituukiriziddwa. Mukiraba? Kati, omwana gw'endiga ssi gwe gwali akabonero, wabula omusaayi gwe gwali akabonero. Kati, obulamu bwali buvudde mu ssaddaaka, era kati omusaayi gwe gwali akabonero. Ebiragiro Bye byali biteekeddwa mu nkola. Omusaayi gwe gwakola nga akabonero, akalaga nti omukkiriza ono akoledde ddala ekyo kyennyini ekyabadde kibanjibwa okukolebwa. Ako ke kaali akabonero. Kale, kati awo omukkiriza bwe yalabibwa, nga asinza, awo yabanga yeeyolese ne ssaddaaka ye. Mukiraba?

17 Ennyumba *yiino*, n'omusinza, ekyali kibanjibwa okukolebwa kyali kiki? "Mutte omwana gw'endiga. Ku lunaku olw'ekkumi n'ennya oluvannyuma lw'okugutereka, e—endiga ennume etaliiko bulema, ekibiina kyonna ekya Isiraeri baligitta, era omusaayi baligutwala n'ezoobu ne bagusiiga ku kabuno k'oluggi."

18 Ye ate, ku nsonga eyo, ezoobu gwali muddo ogwa bulijjo gwe wali osobola okusanga awantu wonna. *Ezoobu* kitegeeza "okukkiriza kwo." Ogenda n'olaba omuntu nga agezaako mbu okuba n'okukkiriza okusukkulumye okwa bulijjo, eyo y'ensonga lwaki osubwa okuwonyezebwa kwo.

Okukkiriza kintu ekya bulijjo. Obeera n'okukkiriza okujja ku kkanisa. Obeera n'okukkiriza okufuluma wabweru n'otambula. Obeera n'okukkiriza okwakisa emmotoka yo. Obeera n'okukkiriza okulya eky'eggulo kyo. Bwe kityo bwe kiri, kukkiriza okwa bulijjo. Kati okusiigako omusaayi, gwasiigibwa bakozesa ezoobu, ogwali omuddo ogwa bulijjo ogwameranga buli wamu mu Palesitayini, nga kiraga nti okukkiriza okulina okukozesebwa okusiiga omusaayi ssi kintu ekiri awo eky'ekitalo nti olina kusooka kufuna diguli ya kubiri okusobola okukikola. Wabula kukkiriza okwa bulijjo, bulijjo kw'olina, kw'okozesa okukkiriza Katonda. Mukiraba? "Musiige omusaayi," olw'okukkiriza, "nga mukozesa ezoobu."

19 Kati, okuva awo, omusinza, bwe yalabibwa nga ali wansi w'omusaayi guno, kyali kiraga nti atuukirizza ekyo Yakuwa kye yalagira kikolebwe, era nga yeeyolese nakyo. Akabonero kaalaga nti yeeyolese n'omwana gw'endiga ogwattiddwa Yakuwa kye yali alagidde kikolebwe. Omulimu gwali gukoleddwa. Nga kifaananyi ddala ekituukiridde leero, ekyoleka Kristo n'omukkiriza. Akabonero bwe kateekebwa ku mukkiriza, Kalaga nti akkiriziddwa era omulimu gukoleddwa.

20 Mu kiseera kiri, omusaayi gwe gwali akabonero akalabirwako, omusaayi gwennyini. Ensolo yavaamu omusaayi, n'efa, era omusaayi gwayo ne gusiigibwa ku kisenge. Kati, obulamu bw'ensolo, obwali mu musaayi. Kubanga obulamu bubeera mu musaayi, ekyo tukimanyi. Bayibuli bw'etyo bw'egamba, ne ssaayansi akikakasa, obulamu bubeera mu musaayi. N'olwekyo ensolo bwe yattibwa, obulamu ne buva mu nsolo, omusaayi gwali gulina kuba musaayi gwennyini ogutonnya, okukola nga akabonero. Kubanga, obulamu obwali mu musaayi bwali tebusobola kukomawo ku mukkiriza, kubanga bwali bulamu bwa nsolo.

21 Ate obulamu bw'ensolo n'obulamu bw'omuntu bwawukanira ddala. Tewali, tebulina we bukwataganira yadde. Ssinga okwata, ssinga bakwata omusaayi gw'ensolo ne bagukussaamu, ojja kufa. N'olwekyo mukiraba, ffe, obu— obulamu obuli mu musaayi gw'ensolo bwawukana ku obwo obuli mu musaayi gw'omuntu, kubanga omuntu alina emmeeme. Ensolo terina mmeeme.

22 Kale kati, n'olwekyo, omusaayi gwennyini, kati mukitegeere, omusaayi gwennyini omumyufu, ebirungo ebikola omusaayi, gwalina okusiigibwa wabweru ku luggi, nga akabonero akalaga nti omwana gw'endiga gwattiddwa, kati, kubanga obulamu bw'omwana gw'endiga bwali tebusobola kukomawo ku musinza. Naye leero . . . Kiri kyali kifaananyi bufaananyi ekyali kirina kye kyoleka.

23 Leero ekikulu si gwe Musaayi guli gwennyini ogukulukuta ogwa Mukama waffe Yesu, Omwana gw'endiga gwaffe, wabula

ekikulu bwe Bulamu obwali mu Musaayi ogwo, nga ye Mwoyo Omutukuvu. Oyo y'akomawo era ye Kabonero akalaga nti twakkiriza era twakolera ddala ekyo kyennyini Katonda kye yatugamba okukola. Kati awo, bwe tubeera n'Akabonero, ne tuba nga tweyoleka wamu ne Ssaddaaka yaffe. Kyeragira ddala bulungi. Ssiraba ngeri gye kiyinza kunnyonnyolwa kusingako awo. Mukiraba?

24 Engeri yokka omuntu gye yali asobola okukitegeera nti n'ennyumba eyo, nayo, eri wansi wa musaayi, kwe kuba nti omusaayi gwennyini omumyufu gwali gusiigiddwa ku nzigi. Yagiyitangako buyisi, Malayika ow'okufa yalina okutunula n'alaba omusaayi. Kati, nate era, kyali kifaananyi ekyoleka Omwoyo Omutukuvu.

25 Kaakati, mulabeeyo, Omusaayi gwa Yesu gwennyini ogwamulimu nga omuntu gwali teguyinza kujja ku buli omu ku ffe, kubanga Omusaayi gwe Yalina mu mubiri Gwe gwali gwa kigero. Era gwayiika, okuva mu mubiri Gwe, ne guyiika mu ttaka, emyaka enkumi bbiri egiyise; naye ssi gwe gwalina okuba Akabonero. Obulamu, Obulamu obwali mu Musaayi, bwe bwali Akabonero kati. Ŋŋenda kukibakakasa, mu kaseera katono, nga nkozesa Bayibuli. Akabonero ke kalina okujja ku buli omu ku ffe, okulaga nti tweyolese wamu ne Ssaddaaka yaffe, era tutuukirizza ekyo Yakuwa kye yalagira kikolebwe.

26 Peetero yagamba, ku Lunaku lwa Pentekoote nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi, munaafuna ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe, n'eri abaana bammwe, n'abo abali ewala, abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita." Mukiraba, yali takiraga bo bokka. "Abo bonna Mukama waffe b'aliyita."

27 Waliwo bangi abalowooza mbu baayitibwa. Naye kino kyogera ku bonna "Mukama" b'ayita! "Abo be Yamanya edda, Yabayita; bonna be Yayita, Yabaggyako omusango; bonna be Yaggyako omusango, Abagulumizza," ensonga yaggwa dda.

28 Kati bw'osanga omuntu atakkiriza nti Omwoyo Omutukuvu ne leero bakyamufuna, olaba ky'abeera akola? Abeera agaana Akabonero ate nga bwe bulambe bwennyini obukakasa nga bw'okwatagana ne Ssaddaaka yo. Mulaba kye ntegeeza? Kyangu nnyo ssinga okyetegereza mu—mu ngeri Katonda gye yakiwandiikamu kati. Omusaayi gwatusitula era twali... gulaga e—akabonero k'Omwoyo Omutukuvu, obwo bwe Bulamu.

29 Kati obulamu bw'ensolo bwali tebusobola kukomawo mu muntu, kubanga bwombi bwali tebusobola kukwatagana, obulamu bw'ensolo tebuliimu mmeeme. Ate obulamu bw'omuntu bulimu emmeeme. Ensolo temanyi nti eri bwereere. Teyawula wakati wa kituufu na kikyamu. E, erina...Erina

o—omwoyo, naye terina mmeeme. Kati mujjukire nti, kati, weewaawo, emmeeme y'enkula y'omwoyo.

30 Kaakati mwekkaanye, naye ate Obulamu bwa Ssaddaaka yaffe, Yesu Kristo, Omusaayi Gwe bwe gwayiika . . . Yali Katonda, nga yeemalidde mu Muntu omu. Kati, Yekkakkanya okuva mu kubeera Yakuwa, n'ajja Yeeyoleke nga omuntu, Ayambale ekifaananyi ky'omuntu, Asobole okweyoleka awamu naffe. Ye yali Omwana gw'endiga gwa Katonda. Era munda mu Ye, Omusaayi mwe . . .

31 Kati mmanyi waliwo abagamba nti, "Yali musaayi gwa Kiyudaaya." Ekyo muwulira Abayudaaya nga bakyogera. Teyali musaayi gwa Kiyudaaya, ate teyali Musaayi gwa B'amawanga. Yali Musaayi gwa Katonda. Teyalina gwa Kiyudaaya . . . Teyali Muyudaaya ate teyali W'amawanga. Yali Katonda. "E—e—embeerera eriba olubuto."

32 Kati, mmanyi bangi ku mmwe n'Ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki mulowooza mbu eggi lyali lya Malyamu. Ate nga e—enkula y'obulamu eva, obulamu buva mu katoffaali ak'omusaayi. Kubanga, enkoko enkazi esobola okubiika eggi, naye bw'eba tesisinkananga mpanga, eggi eryo teriryalulwa kuvaamu kaana, kubanga libeera ssumba. Obulamu buva mu musaayi, oguva mu kitonde ekisajja. Naye mu nsonga eno tewaaliwo kitonde kisajja, n'olwekyo, "obulamu obwali mu musaayi," bwalina kuva eri Katonda yekka, era Yatonda akatoffaali ak'Omusaayi mu nda ya Malyamu. Katonda Mwene, Omutonzi Yennyini, ye yatonda akatoffaali k'Omusaayi. Kaakati mulabeeyo. Bagenda ne bagamba mbu, "Kati, nga bwe gwali mubiri. Kitegeeza eggi lyali lya Malyamu." Nedda, ssebo. Teryali lirye; talina ggi n'erimu lye yawaayo. Ssinga kyali nti ye yawaayo eggi, toyinza kufuna nkwaso awatali kufuna nkyukakyuka ya bwagazi mu mubiri gwo. Kati bw'Abeera nti, Malyamu bw'aba yafuna enkyukakyuka mu mubiri gwe ey'obwagazi, kiki ky'oba ogezaako okutegeeza nti Katonda kye yakola?

33 Byombiriri Ye yabitonda eggi n'Omusaayi. Ky'ekyo kyennyini kye Yali. "Twakwata ku Katonda," Bayibuli bw'egamba. Timoseewo Ekisooka 3:16, "Era awatali kukubagana mpawa ekyama ky'obulamba bwa Katonda kikulu nnyo: Katonda yalabisibwa mu mubiri. Ne tumukwatako n'engalo zaffe." Omubiri ogwo yali Katonda. Mazima ddala, yali ye. Yenna yali Katonda, mu nkula ey'omuntu.

34 Kati tulaba mu kino, nti akatoffaali k'Omusaayi ako bwe kaayabika, kaavaamu Katonda. "Katonda yali mu Kristo, nga atabaganya ensi okugizza gy'Ali." Kuba, tewaaliwo mulala yenna yali ayinza kukikola, tewali kirala kyali kiyinza kukolebwa; kyali kyetaagisa Omusaayi ogwo omutukuvu, Ye kennyini. Katonda yalina okukka wansi afuuke omuntu, asobole okubonaabona nga etteeka Lye Ye bwe lyali. Yesu bw'aba yali

nnabbi kyokka, nga yali muntu buntu wabula ssi Katonda, awo Katonda abeera ssi mwenkanya.

35 Singa ŋŋamba nti, "Leka Ow'oluganda Grant afe olw'ekibi Billy ky'ateekwa okufiirira," oba ekintu bwe kityo, omutango ogw'engeri eyo, ekyo tekiba kya bwenkanya. N'era ssinga ndeka mutabani wange afe olw'ekibonerezo kye nnassaawo, era nakyo tekiba kya bwenkanya. Waliwo obwenkanya bwa ngeri emu yokka bwe nsobola okukola, kwe kutwala ekifo kye, bwe mba nga njagala okumuwonya okufa.

36 Bw'atyo ne Katonda yalina okwambala omubiri okusobola okutwala ekifo ky'omwonoonyi; Katonda yalabisibwa mu mubiri, ssi mulala wabula Katonda Mwene. Kati, Wuuno wano, nga alabisiddwa mu mubiri, okuggyawo ebibi by'ensi. Ne Yeeyolekera mu ffe, naffe tusobole okweyolekera mu Ye. Mulaba ekigendererwa kyakyo?

37 Kati tutegedde ekitwoleka ne Ssaddaaka yaffe, bwe Bulamu bwa Ssaddaaka nga buli mu ffe, nga ye Mwoyo Omutukuvu. Akatoffaali ako bwe kaayabika, kaavaamu Katonda, kaavaamu Katonda, okulaga nti Yali atukuzza abantu n'Omusaayi Gwe Ye n'ateeka Katonda mu muntu nate. Katonda mu ggwe, Obulamu Obutaggwaawo!

38 Era buli muyizi wa Luyonaani yenna akimanyi bulungi nti ekigambo ekyo, Obulamu Obutaggwaawo, kiva mu kigambo Z-o-e, *Zoe,* ekitegeeza "Obulamu bwa Katonda Bwennyini." Bwe kiri. Engeri yokka gy'olisobola okuba n'Obulamu, waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka, era nga obwo bwe Bulamu bwa Katonda Bwennyini mu ggwe. Okiraba? Kati awo obeera olina Obulamu Obutaggwaawo, kubanga Ye yekka Ataggwaawo. Era ffe tuli kulabisibwa kwa birowoozo Bye, bye yalina nga n'ensi tennabaawo oba ekintu kyonna. Bino byonna birowoozo Bye, era ffe kulabisibwa kw'ebirowoozo Bye nga bwe byali.

39 Kale Yalina okukka wansi okusobola okuggyawo ekibi. Tewali mulala yenna yali asobola kukikola. Tewali n'omu yali asaanidde kukikola. Tewali yali asobola kukikola okuggyako Ye, era Yakikola.

40 Era kati, obulamu obwo bwe bwava mu mubiri ogwo, Omuntu, eyali Omwana wa Katonda (Amaanyi Ge agatonda gaazimba olusiisira, nga kontulakita yenna, gaazimba olusiisira mwe Yayingira, Ye mwene, ekyo Katonda kye yakola.), era kati, obulamu obwo bwe bwattibwa, Omusaayi, gwennyini ogutonnya ogw'obulamu obwo, gwayiika ku ttaka, era nga n'ogwa Abeeri *omutuukirivu* bwe gwayiika ku ttaka, naye mu Musaayi ogwo mwavaamu Omwoyo Omutukuvu wa Katonda, era Oyo yasindikibwa eri abantu ku Lunaku lwa Pentekoote, basobole okweyoleka awamu ne Ssaddaaka eyabafiirira. Tewali

ngeri ndala yonna mu nsi yonna gye tusobola kukafuna. Akabonero kennyini akatuufu!

41 Mulabeeyo, singa obeera osaliddwa ogw'okufa, nga okimanyi bulungi nti ogenda kuwanikibwa ku kalabba, ate mujjukire nti, okugaana . . .

42 Dallas, muwulirize! Okugaana Omusaayi gwa Yesu Kristo, Akabonero k'Omusaayi Gwe, ssinga okalaba n'okagaana, Omusango obeera ojja kugweŋŋanga nga Omusaayi Gwe guli ku ngalo zo. Ggwe omwonoonyi, naawe munnakkanisa, ekyo kijjukire.

43 Watya singa Lee Oswald yali asobola, mu nnaku ezo embale, wamu n'entiisa ey'okutuuyanira mu maaso ga Kkooti Enkulu gye yalina okusisinkana; nga akimanyi nti, oluvannyuma lw'okutta Pulezidenti, tewajja kubaawo yadde ettondo ly'okusaasirwa, omusajja oyo ddala yali awulira atya! Kiteekwa okuba kyali kintu kya ntiisa nnyo. Teyasobola kuvunaanibwa, kubanga omusajja oli omulala yamukuba amasasi n'amutta. Naye kubamu akafaananyi nga atudde mu maaso ga Kkooti Enkulu ennyiivu, nga ovunaanibwa ogw'okutta muntu munno, Pulezidenti w'Amerika omulamba! Naye ekyo kiriba kitono nnyo, bw'okigeraageranya ku kye muliwulira mmwe abanyooma Omusaayi gwa Yesu Kristo, bwe muliyimirira mu maaso ga kkooti ya Katonda. Mukwerinde nga mumanyi. Oswald tewali kirala kye yali ayinza kukola okuggyako okusiibula obulamu bw'ensi nga ekibonerezo olw'obulamu bw'oyo gwe yatta, naye Katonda ye akugoba okuva mu Kubeerawo Kwe Obutaggwaawo bwonna. Kiriba kintu kya ntiisa nnyo. Mulabeeyo.

44 Ssinga obeera wa kusimbibwa mu mbuga z'amateeka, olw'omusango gwe wazza, wandinoonyezza looya asingirayo ddala obulungi gw'osobola okufuna. Ekyo buli omu kye yandikoze.

45 Era buli muntu yenna azaalibwa mu nsi, ssifaayo oba ava mu maka amalungi okwenkana wa, aliko omusango gw'Omusaayi gwa Yesu Kristo okutuusa nga akkirizza ekisonyiwo kyagwo. Era engeri yokka kw'okakasiza nti ddala ekisonyiwo kikuweereddwa, nga Akabonero Kazze ku ggwe, n'oba nga olina Akabonero.

46 Labayo, obeera olina omusango, era wandyagadde okunoonya looya asingirayo ddala obulungi gw'osobola okufuna akuwolereze. Kati singa mbeera wa kusisinkana Musango gwa Katonda, ssaagala musosodooti, ssaagala muntu yenna; njagala omuwolereza asingirayo ddala obulungi gwe nsobola okufuna y'aba awoza omusango gwange.

47 Leka nkutegeeze kino, ggwe, mukwano gwange Omukristaayo. Omuwolereza waffe era ye mulamuzi waffe, ate n'o—n'omulamuzi waffe yafuuka omuwolereza waffe. Waba tewakyali musango gutuvunaanibwa bwe tukkiriza ekisonyiwo

Kye. Omulamuzi Yennyini yakka wansi n'afuuka omuwolereza, era kati omuwolereza n'omulamuzi ye Muntu y'omu. Katonda yafuuka omuntu, Asobole okuggyako omuntu omusango okuyita mu kufa Kwe Ye kwe Yateeka ku muntu. Aleruuya! Ekyo kitegeeza nti, "Katonda waffe atenderezebwe!" Agwanidde amatendo gonna. Omulamuzi waffe n'omuwolereza waffe ye Muntu omu.

48 Omwoyo Omutukuvu ke Kabonero akakakasa nti tusonyiyiddwa. Omusango guggaddwaawo. Eri buli musajja na buli mukazi nga ddala afunye okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, abeera awozeseddwa, abeera yeeyolese n'omuwolereza we, n'omulamuzi we, wamu ne ssaddaaka ye, era Akabonero k'aba nako kabeera kalaga nti olugendo lwe olugenda mu Kitiibwa lusasuddwa. Amiina. Byonna biba biwedde. Akabonero ako abeera nako. Kabeera kake, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, nga bwe bujulizi obukakasa nti Yesu yazuukira. Amiina. Mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ekyo kye kikwoleka, obeera okutte Akabonero.

49 Kati bw'oba tolina Kabonero ako, toliyingira. Oteekwa okuba n'Akabonero. Ogwo gwe muwendo ogwetaagibwa, "Bwe Ndiraba omusaayi, omusaayi ke kabonero. Bwe Ndiraba omusaayi, Ndibayitako." Oteekwa okuba n'Akabonero. Bw'oba tokalina, kitegeeza, tojja kugenda. Oteekwa okuba n'Akabonero ako.

50 Akabonero bwe kataasiigibwa kubeera nga kalabibwa, akabonero bwe kataalabibwanga emmanga eri, n'endagaano yabanga tebalibwa. Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, kati, Ow'oluganda Branham, sooka olindeko." Ekyo ddala bwe kiri.

51 Akabonero kaali kasinga ku ndagaano obukulu. Kubanga Isiraeri yalina endagaano ey'okukomolebwa, era Omuyudaaya yenna yali asobola okugenda n'abaako omuntu yenna gw'alaga n'amugamba nti, "Nsobola okukukakasa nti ndi mukomole, ndi Muyudaaya, nnakomolebwa okusinziira ku kiragiro kya Yakuwa," naye ekyo tekyamutalizanga akabonero bwe kaabanga nako tekaliiko. Yali ateekwa okulaga akabonero. Mukitegeera? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ye. . . Akabonero kateekwa okubaawo, mu buli ngeri. Ne bw'oba nga mu ndagaano mw'oli. . . Ssinga waaliwo Omuyudaaya yenna agamba nti, "Nze sigenda kusiiga musaayi ku luggi lwange, nsobola okukakasa nti ndi Muyudaaya ow'endagano," Malayika w'okufa bwe yajja yamuzikiriza. Ne bwe yabeeranga omujjumbize okwenkana wa, ne bwe yabeeranga munnakkanisa omukuukuutivu, ne bwe yabanga awaayo ekimu eky'ekkumi ekyenkana wa, ne bwe yabanga agamba nti akkiriza Yakuwa okwenkana wa; Yakuwa yali abanja kulaba kabonero ako.

52 Era ne leero, Aky'abanja okukalaba. Kateekwa okubaawo. Kateekwa, "Kubanga tewali kkubo ddala lyonna wansi w'Eggulu, tewali linnya ddala eryaweebwa, ka kibe ki," k'obeere mulungi otya, k'obeere mujjumbize otya. Akabonero ako kateekwa okubeerawo, nga kalabika.

53 "Omusaayi," wali oyinza okugamba nti, "nange, nnasse omwana gw'endiga era omusaayi ne nguteeka mu kasumbi. Kaakano nnakatadde wano eno." Ekyo si kye Yagamba. Guteekwa okusiigibwa ku mufuubeeto ne ku luggi. Guteekwa okulabibwa.

54 Kati n'obulamu bwo bulina okulaga nti Akabonero mu ggwe mwekali. Abaaye, mmwe Abapentekoote, kikyamu ki ekibaliko? Enviiri muzisala, ne mwesiiga ebirangi mu maaso, abasajja, ne mubalaata ebitaliimu nsa n'ebintu ebya buli ngeri, ebyo wa we byoleseza Omusaayi gwa Mukama wange Yesu Kristo nti ke Kabonero Omwoyo Omutukuvu k'ayoleka? Mmwe, abafaanana nga abatya Katonda, kyokka nga muyita "obufumu" n'ebirala eby'engeri eyo, nga mubiyita emirimu gya Katonda, "obufumu." Olwo mwolesa mutya akabonero?

55 Babuulire kuwoza mbu, "Nze ndi Mupente-. . . " Ssifaayo kiki ky'oli. "Ndi Mubaputisiti. Ndi Mupulesi-. . . " Ssifaayo kiki ky'oli. Akabonero ako kateekwa okubaawo. Katonda akabanja kabeewo, tayagala kirala kyonna okuggyako kko.

56 Oyinza okugamba nti, "Nze, nnina diguli ey'okusatu." Ssifaayo diguli mmeka z'olina. Katonda abanja kulaba Kabonero ako, era Kko kokka. Ke kalaga nti olugendo lwo lusasuddwa. Tajja kutwala biwandiiko byo ka kibeere ekintu ekirala kyonna. Akabonero ako k'Ateekwa okulaba.

57 Omugoba wa bbaasi ajja kugamba nti, "Owaaye ggwe, sooka olindeko, eyo si ye ttikiti gye nzikiriza."

58 N'ow'ennyonyi naye akugambe nti, "Owaaye, genda wali eri." Ttikiti ke kabonero. Osobola okugenda n'ogamba omugoba w'ennyonyi nti, "Mukulu ssebo, njagala kulinnya nnyonyi yo. Ssente mmeka?"

"Yingira wali eri ofune ttikiti."

"Leka naawe, ŋŋenda kukusasula."

59 "Ssisobola kuzikwata. Tojja kulinnya nnyonyi yange okutuusa nga ogenze n'osasula ebisale n'ofuna ttikiti. Nze wano ttikiti yokka gye njagala."

Oyinza okugamba nti, "Nze, nnasoma. Nnakola *kino*. Nna. . . "

60 Ssifaayo biki bye wakola, oteekwa okuba n'Akabonero oba ssi ekyo tojja kulinnya. Amiina era amiina. Temukiraba? Katonda abanja Akabonero ako. "Bwe Ndiraba omusaayi, y'engeri yonna gye Ndibayitako bwe Ndiraba akabonero."

61 Bwe kataasiigibwa kubeera nga kalabibwa, n'endagaano yabanga tebalibwa. Omuyudaaya yali asobola okwogera era n'akakasiza ddala nga bw'ali Omuyudaaya o—omukomole, yali asobola okukwata ab'oluganda n'abazza ku bbali n'abagamba nti, "Bannaaye mulabeeyo, nnakomolebwa." Ekyo tekyalina makulu n'akatono.

62 Oyinza okugamba nti, "Ndi Mumesodisiti. Ndi Mubaputisiti. Ndi Mupentekoote. Ndi *kino*. Ndi *kiri*." Ebyo tebirina makulu gonna.

63 Olina okuba n'Akabonero. Ate Akabonero bwe kajja, kajulira ku Kristo. Yagamba Kalimujulirako. Ate Kristo ye Kigambo. Kati oyinza otya okusambajja Bayibuli, n'ogamba mbu ekitundu ku Yo kituufu, n'osigala nga ogamba nti olina Akabonero, ate nga Akabonero bwe bujulizi bwa Yesu Kristo? Mukiraba, ekyo kye nneebuuza.

64 "Ha," ogamba nti, "ssikkiriza, nze ennaku z'ebyamagero nzikiriza za . . ." Ha, mwegendereze oyo, awo waba tewali Kabonero. Akabonero buli Kigambo kakikubira "amiina," buli kimu, kubanga aba Katonda Mwene. Mukiraba? Kale.

65 Naye akabonero bwe kaasangibwa nga tekaliiwo, endagaano yabanga tebalibwa. Yasazibwangamu. Ne leero bwe kiri! Ne bw'o—ne bw'okiddiŋŋana otya, ne bw'okiddiŋŋana otya nti, "Nzikiriza buli Kigambo ekiri mu Bayibuli," n'ogamba nti, "Ow'oluganda Branham, nze—nze nsobola okukunokolera kimu kya kubiri ekya Bayibuli eyo, oba Bayibuli yonna mu bujjuvu, nga mbinokola kuva ku mutima. Ngikkiriza buli katundu Kaayo konna." Ekyo kirungi. Ne Ssetaani, aginokola. Uh-huh. Ekikulu Kabonero!

66 "Nze nno, Ow'oluganda Branham, ekisenge kyange kyonna kijjuddeko diguli eza buli ngeri. Nnina Diguli Esooka, nnina n'ey'okusatu, nnina ne LLD. mu Lulattini. Era, ha, mpandiise ebitabo. Nkoze kino. Nkoze buli kimu. Nkoze—nkoze ebintu bino byonna." Ssifaayo. Ebyo byonna birungi, naye era olina okuba n'Akabonero. Akabonero, Akabonero kasigala kakubanjibwa okuba nako!

67 Oyinza okugamba nti, "Nze nnatendekebwa mu bya Bayibuli. Ndi—ndi muntu mulungi. Ndi *kino*, ndi *kiri*." Ekyo kyandiba nga tekiriimu kabi konna, ebyo byonna birungi, naye era obanjibwa okuba n'Akabonero!

68 Kati, okufa kwali kunaatera okukka ku Misiri akadde konna, mu ngeri y'emu nga okufa bwe kunaatera okukka ku ggwanga lino essaawa yonna.

69 Anna Jeanne, mpulira ekintu kye kimu, nga kitaawo lumu kye yayogera. Nnakyagala nnyo. Yagamba nti, "Omanyi, eggwanga lino, nga lirina ebibi bye bimu, Katonda bw'alireka Amerika n'eyinaayina awatali kusalirwa musango ku bintu

bino by'ekola, Aliba avunaanyizibwa okuzuukiza Sodoma ne Ggomola abyetondere, olw'okubyokya." Ate ekyo kituufu.

70 Mujjukire nti, Isiraerli baasasulira buli kibi kye baakola, naffe tujja kubisasulira. Nga tweyongera kulagaya? Musibe ebyambalo by'okulwanyisa binywere! Mukomeewo eri Katonda, mmwe ekkanisa! Bino ssibyogera kubeera wanjawulo ku mmwe. Mbibabuulira nga kulabula. Ka nsuubire mukkiriza!

71 Okufa kwali kunaatera okukka. Katonda yali abalaze ekisa Kye n'okusaasira Kwe, okuyita mu maanyi n'obubonero n'ebyewuunyo (ne leero Akoze ebintu bye bimu nga tannatwaala Kkanisa), naye era baasalawo obuteenenya n'obutakkiriza bubaka.

72 Mukiraba, waaliwo obubaka mu kaseera ako ekkanisa bwe yali enaatera okufulumizibwa. Buli mulundi buteekwa okubaawo. Ne ku mulundi guno weebuli. Buli kintu kyonna eky'omwoyo ekibaawo kaba kabonero okuva ewa Katonda akalina kye kalaga. Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Okugeza nga Obubaka, wabaawo akabonero ate oluvannyuma ne wabaawo Obubaka obugoberera akabonero ako. Katonda yagamba Musa, nti, "Bwe batalikkiriza ddoboozi ly'akabonero akasooka, oba oli awo balikkiriza eddoboozi ly'akabonero ak'okubiri."

73 Kati, bw'olaba obubonero nga bukolebwa, naye nga tewali bubaka bwonna bubugoberera, wabula nga njigiriza ze zimu ez'eddiini ezizze ziyigirizibwa nga era z'ezibuulirwa, obubonero obwo bubeera tebuva wa Katonda. Naye bwe wabaawo akabonero akakolebwa ne kalabibwa, wabaawo Obubaka obukagoberera. Kati mulabeeyo. Yesu yajja . . .

74 Ndeekaana nnyo? Oba yenna avunaanyizibwa ku kazindaalo kano, kalinga akakomyaawo eddoboozi. Kirabika kali waggulu nnyo. Njagala mukifune.

75 Yesu bwe yajja, teyayogera bigambo bingi nnyo eri abantu, buli omu yali ayagala Akyaleko mu kkanisa ye. "O, Nnabbi ono omuto, tusanyuse nnyo okumukyazaako wano." Yali awonya abalwadde. "O, ekitiibwa kibe eri Katonda. Katonda ayimusizza Omusajja ow'amaanyi mu makkati gaffe." Ekyo kyali kirungi. Kati lumu ekiseera kyatuuka we . . . Ako ke kaali akabonero Ke.

76 Isaaya 35 yagamba nti kaliba kabonero. "Awenyera alibuuka nga ennangaazi," n'ebirala, "muzibe aliraba." Kaali akabonero.

77 Yayolesa akabonero Ke nga Masiya, n'ebirala. Era bonna, bangi ku bo, ne bagamba nti, "Weewaawo, ekyo nsobola okukikkiriza." Naye, kati, ako bwe kaba nga kaali kabonero, wateekwa okubaawo eddoboozi ly'akabonero ako. Ddoboozi ki eryali emabega w'akabonero ako? Bwe Yatandika okuyigiriza enjigiriza Ye n'abayita emisota egyekwese mu muddo. Tebaddamu kubeera nga bamuyaayaanira okuva

awo n'okweyongerayo, mukiraba, eddoboozi bwe lyagoberera akabonero. Akabonero ke kaasooka.

78 Musa yagenda e Misiri n'akabonero. N'asuula wansi omuggo gwe, ne gufuuka omusota. Ako kaali kabonero. Naye oluvannyuma lw'akaseera, eddoboozi lyagoberera akabonero. Awo ebintu ne bikyuka. Mukiraba, eryo tebalyaagala. E— eddoboozi, liteekwa, okugoberera akabonero. Ate kyali tekiyinza kubaawo mu kiseera kirala kyonna okuggyako mu kiseera ekyo, kubanga ky'ekyali ekiseera ky'Ebyawandiikibwa okutuukirira. Mulabe kye Yamugamba, bwe yali mu kisaka ekyali kyaka omuliro, "Ndabye okusinda era mpulidde okukaaba kw'abantu Bange, era ndabye okubonaabona Abamisiri ababakozesa kwe bababonyaabonya, era Nzijukidde ekisuubizo Kyange kye Nnakola eri Ibulayimu." Waali wayiseewo emyaka ebikumi bina, era Yali yagamba Ibulayimu ebbanga lye baali balina okumalayo. Mukiraba, kyali tekiyinza kubaawo mu kiseera kirala kyonna okuggyako mu kiseera ekyo. Musa yalina kujja mu kiseera ekyo kyennyini.

79 Essaawa ya Katonda ennene etuukirira mu kiseera kyennyini ekifuufu. Tesussaamu ddakiika n'emu wadde okusuulamu eddakiika emu bw'eti. Ejja kutuukirizibwa mu kiseera kyennyini ekituufu. Kale, kati, mukiraba nti, buli kimu kyali kitambula bulungi ddala, kyali tekiyinza kubaawo mu biseera birala byonna.

80 N'ebintu bino byali tebisobola kubaawo mu biseera birala. Kino kyali tekisobola kubaawo mu biro bya Luther. Kyali tekisobola kubaawo mu biro bya Wesley. Mu biro by'Ababaputisiti oba Abamesodisiti, mu biro byabwe, kyali tekisobola kubaawo. Kirina kubaawo kati. Isiraeri erina kuba nga ggwanga. Amakanisa galina kuba nga bwe gali mu kiseera kino. Waalina okubaawo obubaka obw'okusatu, omulembe gw'ekkanisa ogw'okusatu. Waalina okubaawo Lawodiikiya. Kyali tekisobola kubaawo okutuusa nga Abapentekoote basoose ne bajja, ne bakola bye baalina okukola, ne bamaliriza nga beekozeemu ekibiina ky'eddiini ne bakola byonna bye baakola. Kati awo we kibeererawo, oluvannyuma Mukama n'ajja, nga bamaze okumugoba bamufulumizza ekkanisa. Ye Kigambo.

81 Ekigambo ekyo batya okukisoomooza buli wamu wonna. Tebaagala kukinyegako yadde, ate nga bakikubako empawa.

82 Jjuuzi wano, mu Chicago, Mukama bwe yampa okwolesebwa. Nnalinayo abaweereza ebikumi bisatu. Nnabagamba nti, "Kati mmanyi kye mu. . ." ku bikwata ku njigiriza y'ezzadde ly'omusota, n'ebirala, nnabagamba, "leka wabeewo omu ku mmwe akwate Bayibuli ye ajje ayimirire ku ludda lwange akakase nga bye njigiriza bikyamu." Bonna ne babunira mu ngeri gy'otalabangako. Ne mbagamba nti,

"Kati nno mulekere awo okunjogerako." Mukiraba, kisukka ku ntegeera yaabwe.

83 Ate, nga be bamu abagamba mbu, "Ow'oluganda Branham abeera nnabbi bw'abaako amafuta, naye amafuta bwe gamuvaako, ha, simanyi." Okwo nga . . . Ekyo bwe kiba si ky'ekiraga mu—mu—mu—munnaddiini eyatabulwatabulwa! Eki . . .

84 Ekigambo *nnabbi* kitegeeza "oyo abikkula Ekigambo nga bwe kivudde eri Katonda." Ekigambo kya Mukama kyajjanga eri bannabbi. Y'engeri Yesu gye baamutegeeramu. Era baagamba nga amaze okuzuukira, baagamba nti, "Tumanyi nga Yali nnabbi wa Katonda," mukiraba, "tewali muntu ayinza kukola bintu bino okuggyako nga Katonda ali naye," naye ate obubaka Bwe baagaana okubukkiriza. Ne Yokaana tebaamukkiriza, ate nga yali nnabbi. Ne Eriya tebaamukkiriza, ka babeere bali abalala bonna, ate nga baalina okubikkulirwa okuva eri Katonda.

85 Ekigambo, ekigambo ky'Olungereza, *nnabbi,* ebigambo eby'Olungereza bisobola okuba n'amakulu agatali gamu, kitegeeza "omubuulizi." Naye bw'oyogera ku *nnabbi,* ow'edda mu Bayibuli, kyabanga kitegeeza "omulabi." Era kwe yasinziiranga okukakasibwanga, kwali kubeera nti, bye yayogeranga byatuukiriranga, era ako ke kaabanga akabonero akakakasa nti nnabbi; n'ekirala ako ke kaabanga akabonero akalaga nti alina okubikkulirwa okuva eri Katonda okw'Ekigambo ekiwandiike. Era Katonda mu kukikakasa, nnabbi bwe yabanga akyogedde, yakituukirizanga.

86 Kitya? Kati, ekyo kyo bwe kityo bwe kiri. Tewali ngeri yonna ya kukyebalamamu. Katonda yagamba bwe kityo bwe kirina okuba, era bwe kiri. Naye kiikyo ne leero, mukiraba, Akabonero ako kateekwa okubaawo, ke koolesa Ekigambo ekyo ne kakireetera okuba amazima gennyini. Kati ekirala y'engeri gye Yasuubiza, y'engeri gye Yateekateekamu abantu Be bonna abaali bagenda mu nsi ensuubize, kati, bwe Yali ateekateeka okuba n'okuva kuno, ekyali ekifaananyi eky'okulabirako.

87 Kati ŋŋenda kugezaako okumaliriza Obubaka, mu ddakiika nga kkumi na ttaano, oba abiri. Kati muwulirize n'obwegendereza, kino njagala mukifune, kubanga nnyinza obutaddamu kubalaba, mulaba.

Mwekkaanye, kati weetegereze engeri gye Yateekateekamu abantu Be.

88 Bameka abakimanyi nti takyusa nkola Ze? Tazikyusa n'akatono. [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ye . . . kati kebera mu Bayibuli olabe oba nga yali Azikyusizzaako. Nedda, ssebo.

89 Kati abantu Yabateekateeka atya? Ekisooka, Yatuma nnabbi nga alina akabonero, nga oyo ye Musa. Si bwe kiri? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Era akabonero

kaalina obubaka, obubaka "obw'okwetegeka," baali bagenda kufuluma bagende mu nsi ensuubize. N'ekirala Yalina ekyali kikakasa, nnabbi ono, nga ky'Ekitangaala ekyali waggulu ku ye. Waaliwo Empagi y'Omuliro eyagobereranga nnabbi ono, ekyo tukimanyi, eyayita mu ddungu ne Musa. Ekyo tukiraba. Ku ebyo n'agattako okuba nti Yabawa akabonero ak'okubawa obukakafu baleme kuba na kutya, na kweraliikirira kukankana; bwe Yagamba nti, "Bwe Ndiraba akabonero ako, Ndibayitako."

90 Kati mwekkaanye engeri gye Yakikolamu. Yasooka n'ateekateeka akabonero, omubaka, obubaka obukakasiddwa, ekikakasa omubaka, wamu n'akabonero okubawa obukakafu nti olugendo lwali lusasuliddwa. Nga boolekede ensi ensuubize.

91 Ky'ekintu kye kimu ky'Akoze ne leero! Kiki kye Yakola? Yatuweereza Omwoyo Omutukuvu. Omwoyo Omutukuvu ye Mubaka, era n'okweyoleka Kwe okuli mu Byawandiikibwa kumukakasa nti Ali mu makkati gaffe, nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Era Akabonero bwe bukakafu. Kati tutya ki? Ebisale byaffe eby'entambula byaggwa okusasulwa era tweyoleka wamu ne Ssaddaaka yaffe. Tasobola kukuyiwa. Ekyo Yakisuubiza. Tulabisiddwa.

92 Isiraeri okufuluma Misiri, nga bwe nnagambye, kifaanaanyirizibwa ne—n'Omugole okufuluma ekkanisa. Musa bwe yatandika obuweereza bwe, Isiraeri bonna baakuŋŋaana wamu e Goseni, okusaba n'okusinza, ddala bwe kyali, baava mu bitundu bya Misiri byonna. Bw'atyo Omugole bw'ajja okukola, bajja kuva mu nzikiriza zonna ezikkiriza nti Katonda ali omu bwa Nnamunigina, ezikkiriza nti bali Babiri, ezikkiriza nti bali baperesoona Basatu, n'enzikiriza endala zonna. Bajja kuvaayo. Bateekwa buteekwa okuvaayo. Kati tusoma wano mu Abaebbulaniya e...Kati, ekintu ekisooka kye tuteekwa okulowoozako, ky'eky'okuva mu bitundu byonna, "Okuva mu butakkiriza bwonna." Kati Omwoyo Omutukuvu yasuubiza okukola okuyitayo okwo mu nnaku ez'oluvannyuma ng'agamba nti, "Muveeyo mu batakkiriza." Mwetegereze.

93 Tukiraba nti mu Abaebbulaniya 10:26, nkirina nnakiwandiise wano eno, kigamba bwe kiti, "Bwe twonoona kagenderere nga tumaze okuweebwa okutegeera Amazima, waba tewakyaliwo ssaddaaka ndala olw'ekibi," mukiraba, ssinga ogaana okukkiriza nga okigendereddde.

94 Kati singa mwetegereza, nkyogere ntya wano, mumpeeyo obudakiika nga buubwo mbeeko ne kye mbalaga. Muli nkiwulira mu Mwoyo, nga tekitegeerekese bulungi. Mukiraba? Mulabeeyo.

95 Abaebbulaniya baabano, bali mu lugendo bafulumyeyo. Katonda yalonda abasajja kkumi na babiri, manya Musa ye yabalonda, nga akozesebwa Katonda, bagende emitala bakette ensi; bwe bamala bakomewo, babeeko akabonero ke badda nako okuva mu nsi eyo. Naye bwe baatuukayo, ekkumi ku bo

baatya nnyo. “Bannange,” baagamba nti, “ku bali Abamaleki be twalabye, ffe tulinga mayanzi mu maaso gaabwe.” Yoswa ne Kalebu nabo ne bakomawo, ne badda n’obukakafu ne bagamba nti, “Tusobola okugirya!”

96 Mulaba, abo be bakkiriza ab’oku nsalosalo. Bayita mu bintu eby’enjawulo bino byonna, ne bayita mu kkanisa, n’okwegatta ku kkanisa, n’okubatizibwa okw’engeri ezitali zimu n’enkola eza buli ngeri. Naye bwe kituuka ku kusomoka okugenda emitala okufuna Akabonero, obukakafu obukakasa nti ddala Ensi gy’eri, nti Obulamu . . . nti Yesu Kristo si mufu. Wabula ali bubeezi mu mutendera mulala. Mw’abeera. Ali naffe, kati Ali mu ffe. Bwe kituuka ku ekyo, “ah,” ekyo kyabakaluubirira okukikkiriza. Ekyo kyabasukkako, mukiraba. Era baakomawo, naye bonna, bonna, baafiira mu ddungu, tewali n’omu ku bo eyasomoka. Kati, mulabeeyo, bwe tutakkiriza, ffe Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani!

97 Ka nsuubire nti omuyigiriza wange ow’edda waali atudde wano leero. Dokita Roy E. Davis, bangi ku mmwe mumumanyi, ava wano eno ku Fort Worth, yandiba nga waali wano. Ebintu bino nzijukira twabikubaganyaako ebirowoozo, emyaka mingi nnyo, egiyise. Ye yambatiza mu kukkiriza, mu kkanisa ya Missionary Baptist.

98 Kati mulabeeyo, munda wano eno, kati, ssinga tu . . . ssinga—ssinga tutuuka awo ku nsalo eyo, ne tugamba nti, “Bannaaye, ekitiibwa kibe eri Katonda, nnayogera mu nnimi, aleeruuya!” Si ky’ekyo. Bw’oba okyasobola okugamba, okubaako ekitundu kyonna ku Kigambo ekyo ky’otakkiriza, obumanyirivu bwo buliko ekikyamu. Okiraba?

99 Otambula n’otuukira ddala ku mugguukiriro gw’Ensi n’ogiraba nti weeri. Ne weerabirako ddala n’amaaso go nti Yesu yazuukira. Ali mu makkati gaffe. N’owulira Ekigambo ekigoberera obubaka, naye era n’otakkiriza, omanyi ekiddirira? Weewo wennyini we baafiira mu ddungu. “Bwe twonoona kagenderere nga tumaze okuweebwa okutegeera Amazima, waba tewakyaliwo ssaddaaka ndala olw’ekibi.” Ekitabo ky’Abaebulaniya bwe kityo bwe kitugamba.

100 Ate kati mwekkaanye, nga bwe tulaba obubonero obw’ekitalo obw’enkomerero mu nsi, bwe Yasuubiza, nga bwongera okutulabulira ddala nti ekiseera kisembedde. Mulekere awo obutakkiriza. Mukuŋŋaane wamu. Tulina okwagalana era tukkirize, tweyawule ku nsi.

101 Mwetegereze, tebaali ba kujja kukuŋŋaana wamu kwogera bwogezi ku bubaka. Baalina kujja kubuyingiramu, kuyingira wansi wa musaayi. Ssi kudda mu kwewuunaganya mbu, “Omanyi, Musa yatugamba, omubaka, yagamba, yatugamba nti tulina okuba n’omusaayi. Naye mmwe ekyo mukirowoozaako, bannaaye?” Eyo si y’eyali ensonga eyabaleeta awamu. Ensonga

eyabaleeta awamu yali nti mugende mutte omwana gw'endiga, omusaayi mugusiige waggulu ku luggi!

102 Tusobola okujja ne tutuula ne tukkiriziganya n'Ekigambo, na buli kimu, naye Akabonero ako bwe tuba tetukalina, kibeera kitugasizza ki? Kiba tekirina kye kitugasizza. Yingira wansi waako. Yali tavunaanyizibwa ku muntu yenna ataali wansi wa musaayi ogwo. Ne leero, era Tavunaanyizibwa ku muntu yenna, atali wansi wa Kabonero.

103 Ab'omu nnyumba bonna, tebaaliko bukuumi okuggyako nga bali wansi w'akabonero, era nga akabonero kasiigiddwa kalabika. Ab'omu nnyumba bonna! Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ekyo leero tusaanye tukijjukire, bantu mmwe. Abaana baffe!

104 N'ebintu bino eby'ekivubuka eby'ekisiru n'okwesuukunda kw'amazina ga rock-and-roll, n'ebintu bye tuyitamu, n'ebibinja by'abayimbi bino nga ekya Beatles n'ekya bugs, ye mukimanyi nti ebyo byonna byogerwako wano mu Kitabo, ekya Bayibuli? Byogerwako mu kitabo ky'Okubikkulirwa. Mazima ddala, byogerwako. Engeri abantu, gye, baliba—baliba . . . bali, bali, olaba, bali, tebaliba . . . Bafu. Tebasobola kuzuukira. Tebabeerangako Abataggwaawo. Ne mu Birowoozo tebaaliyo, n'olwekyo bajja kuzikirira. Baliggyibwawo emirembe n'emirembe obutaddamu kubaawo, balisaanyizibwawo ne baggweerawo ddala. Balibonerezebwa okumala obuwumbi n'obuwumbi bw'emyaka, olw'ebyo bye baakola, naye ekintu kyonna ekyalina entandikwa kirina enkomerero.

105 Ekyo kyokka ekitaalina ntandikwa, kye kitalina nkomerero. Waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka. Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu, obwo bwe tulafuubaanira. Weetegereze.

106 Yoswa, essuula ey'oku 2 eya Yoswa, Munnamawanga eyakkiriza eyali malaaya yali yabawulirako, ye n'abenju ye, bw'atyo n'abaleeta wansi w'omuguwa omumyufu, ogwali akabonero okuva eri ababaka ba Yoswa. Malayika wa Katonda azikiriza, akabonero ako ke kokka, ke yassaamu ekitiibwa mu kibuga ekyo. Ekyo kye kyokka Katonda kye yali akkiriza, kyateegezebwa okuyita mu baweereza Be, nti akabonero kano Katonda ke yali akkiriza, era kokka. Ssifaayo oli ne bw'aba y'eyali mmeeya w'ekibuga, oba nga y'asingayo obutuukirivu mu kibuga, oba asabira mu kkanisa esingayo okuba ey'erinnya mu kibuga, buli kimu kyonna ekyali mu kibuga kyagwa ku ttaka okuggyako ennyumba eyo yokka. Katonda, akabonero ako kokka, ke yassaamu ekitiibwa.

107 Mulabeeyo, Yeriko baali baawulira nti Katonda yali akola ebintu eby'ekitalo, naye tebaafaayo kutwala kulabulwa.

108 Ne leero abantu bawulira Katonda by'abazze akola mu myaka emitono egyakayita, naye tebajja kubitwala

nga eby'amakulu. Amaanyi gano ag'ekitalo ag'ekisa wamu n'obubonero, nga bwe Yasuubiza nti, "Nga bwe kyali mu biro bya Sodomu, bwe kityo bwe kiriba." Nga bwe Yasuubiza nti ekintu ekyo bwe kiriba! Mwekkaanye ekyabaawo e Sodoma. Mujjukire nti, kali kaali kabonero ka Sodoma. Naye omubaka, wa Malaki 4, wa "kuzzaayo emitima gy'abantu eri bakitaabwe, bakitaabwe aba pentekoote, abazzeeyo ku Bayibuli." Tewayinza kubaawo kirala kyonna, kyeyongera ku Bayibuli. Kuno kwe kubikkulirwa kwa Katonda kwonna mu bujjuvu bwakwo.

109 Kati omuntu ayinza okugamba nti, "Naye, nze *kino* ekitundu kye nzikiriza, Ebyo ebirala ssibimanyi."

110 Omubaka wa Katonda yennyini akuzzaayo eri Ekintu kyonna mu bulamba bwakyo! Mukiraba? Mwetegereze, ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'akola, akukomyawo eri buli Kigambo kya Katonda.

111 Ekisa Kye kyali kirabisiddwa, ekyali kiddirira gwe musango Gwe. Bateekwa okuba nga munda mu bo baali bakkiriza nti balina obukuumi mu bizimbe byabwe ebinene eby'ebibiina by'amadiini bye baalina eyo mu Yeriko, naye baakizuula nti tebyakola.

112 Wateekwa okuba nga waaliwo abamu ku. . . oba oli awo waliwo abebbirira mu ngeri emu ne bayingirayo, wandiba nga waaliwo abavubuka nga baabo abaayingirayo, ne babagamba bakuŋŋaanye wamu ensigo ezo zonna ez'abo abaayawulibwa edda. Era omukazi ono yafuna. . . ennyumba ye gye yakozesa nga ekkanisa, n'ayaniriza ababaka; n'ayingiza abo bonna abaali mu kibuga, abaasobola okukkiriza, n'abayingiza wansi w'akabonero.

113 Omukazi omu bw'ati mu ttundutundu eryo lyonna! Omukazi omu bw'ati atalina ky'ali, ate nga tayogerwako na bulungi, oba oli awo buli kkanisa mu kibuga yali yamugoba obutabeera kitundu ku bo, naye ye yakkiriza omubaka oyo. Era omubaka oyo n'aleka akabonero, kw'anaategeererwa, era Katonda akabonero ako n'akassaamu ekitiibwa. Ne leero bwe kiri. Mujjukire kino nti, ekiruyi kya Katonda ekizikiriza bwe kyajja, enkola eyo ey'ekitalo yalindiggulwa ku ttaka, naye akabonero ne kakuuma ennyumba ye n'etabaako kabi konna. Ssi lwa kuba yali mukazi mulungi; wabula lwa kuba yalina okukkiriza n'assaayo akabonero.

114 Kati watya ssinga yagamba nti, "Wabula, kwo okuba abasajja abo basajja balungi, ddala nnyumiddwa nnyo obubaka bwe babuulidde, naye, eky'amazima, kiwulikika nga eky'obusiru omuguwa ogwo okuguleka nga guleebeetera wabweru w'eddirisa lyange, ŋŋenda kugusikayo nguzze munda"? Ennyumba yandigudde. Yandigudde. Katonda akabonero kokka ke yali assaamu ekitiibwa, nga bwe kyali ne ku kabonero ak'obulamu e Misiri.

115 Yoswa yali ayoleka Yesu, kubanga *Yoswa* kitegeeza "Yakuwa-omulokozi." Yali ayoleka Yesu, yali mwesigwa eri akabonero ak'obulambe omubaka we ke yabuulira. Yoswa yasigala mwesigwa eri akabonero ako ak'obulambe. Bonna abaali wansi waako baalokolebwa, e Misiri. Bonna abaali wansi waako baalokolebwa, mu Yeriko.

116 Omusaayi gw'Omwana gw'endiga leero gwe gukola nga Akabonero, nti Omwoyo Omutukuvu ke Kabonero ka leero. Bonna abali wansi We baliko obukuumi. Bonna abatali wansi We tebaliiko bukuumi. Mu Abaebbulaniya 13:10 ne 20, Ayitibwa "endagaano ey'emirembe n'emirembe." Endagaano enkadde yali kintu kirala, eno y'Empya, eno "y'endagaano ey'emirembe n'emirembe."

117 Katonda, ebisuubizo bya Katonda ebyanywezebwa Omusaayi, bitufuula ba ddembe okuva eri ekibi n'ensonyi, era ne bitufuula ba njawulo ku balala ab'omu nsi. Tekikwetaagisa kwambala mu ngeri ya njawulo; omuntu yenna asobola okwambala mu ngeri ey'enjawulo. Olina kuba, nga munda, oli wa njawulo. Obulamu buli munda; ssi kwambala, okwambala engoye. "Obwakabaka bwa Katonda ssi kulya na kunywa, oba okwambala engoye; wabula bwe bugumiikiriza obutakeŋŋentererwa, obulungi, obukkakkamu, obugumiikiriza, mu Mwoyo Omutukuvu."

118 Kati, ebisuubizo bitufuula ba ddembe okuva eri ekibi, kiraga nti Katonda ekibi kyo ta—takyakiraba. Dawudi yagamba nti, "Aweereddwa omukisa omuntu oyo Katonda gw'atabalirako kibi." Era Katonda talibalira kibi ku Kabonero ako, kubanga Akabonero bwe bukakafu obulaga nti omuwendo gwasasulwa era Katonda yamala dda okugukkiriza. Era olina akabonero akakakasa nti gwasasulwa, omuw-. . . okukkiriza kwo kwakagula. Era olina omuwendo ogwasasulira obununuzi bwo munda mu mubiri gwo, okusobola okumusinza n'okwolesa ebisuubizo Bye n'amaanyi Ge.

119 *Endagaano Empya* kitegeeza "ekiragaano ekiggya." *Omusaayi* gutegeeza "Bulamu." Endagaano Empya y'endagaano y'Omwoyo Omutukuvu, Omwoyo Omutukuvu nga awa obujulizi nti Yesu Kristo yazuukira okuva mu bafu, nga alaga nti Yesu yatuukiriza buli ekyali kitubanjibwa, era mulamu leero. Akabonero kakakasa nti w'Ali mulamu okweyoleka naffe, okusinziira ku kisuubizo Kye. Kati omuntu ayinza atya okusoma Bayibuli n'akiraba nti Yakisuubiza, n'alaba Kristo nga akomyewo mu nnaku zino ez'oluvannyuma mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu era nga yeeyoleka nga bw'Ali omulamu? Ako ke Kabonero. Ako ke kabonero akakakasa. Ogwo gwe muwendo ogwasasulwa.

120 Tobangako nneewulira ya ngeri yonna gye weesigamako. "Nnawulira nga ameze olutiko ku mugongo. Era—era wa—

waliwo ekintu ekyampunyira; nnalaba omusaayi mu bibatu byange," oba amafuta. Oba—oba, "Nnattikirwa Diguli yange Esooka." Oba, "Nnazinira mu Mwoyo. Nnaleekaana. Nnayogera mu nnimi." Ebintu ebyo biyinza okuba nga ddala byaliwo. Ssibirinaako buzibu bwonna, naye ekyo si kye njogerako.

121 Kye njogerako kwe kulabisibwa kw'Akabonero, Yesu Kristo, eyazuukira era nga kati ali mu ffe, Yeeyoleka, okuddamu okukakasa Ekigambo Kye ekyasuubizibwa eky'ebiro bino. Amiina. Nga ggwe ne Kristo muli omu. Katonda ne Kristo bali omu. "Ku lunaku luli, mulitegeera nga Nze ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu Nze; Nange ndi mu mmwe, nammwe muli mu Nze." Oyo ye Katonda nga alabisiddwa mu mubiri gw'omuntu, nga Yeeyoleka nti mulamu, oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri. Ako ke Kabonero.

122 Bwe muba temunnayingira, mwanguwe mangu nnyo muyingire, ab'emikwano. Obudde bwandiba nga bwayita dda. Tetumanyi.

123 Nga alaga Okubeerawo Kwe, Endagaano Empya, Omusaayi. Era w'Ali mulamu kati, nga akakasa. Era kubanga w'Ali, tulina eddembe eri byonna bye Yatugulira. Omusajja alina okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, oba omukazi alina okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, alina eddembe eri buli kimu kyonna Yesu kye yatugulira, kubanga ako ke kabonero ke tulina. Ago ge maanyi agagula.

124 Ka tugeze oyinza okwebuuza nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, otegeeza ki?"

125 Mulabeeyo, leka nkitangaaze bulungi kati, era njagala mmwe abalwadde kino mukifune. Mulabeeyo, ssinga enjala eba ennuma nga ebula okunzita, naye nga nkimanyi nti omugaati, ka tugeze, ggugula ssente abiri mu ttaano, ne wajja ow'oluganda n'aŋŋamba nti, "Kwata ssente abiri mu ttaano zino, Ow'oluganda Branham. Nkulaba enjala ejula okukutta; kwata ssente zino abiri mu ttaano." Kati, nkukakasa, nnyinza okusanyuka nga nkutte ssente ezo abiri mu ettaano mu ngalo zange mu ngeri y'emu nga bwe nnandisanyuse nga nkutte omugaati mu ngalo zange, kubanga ssente ezigula nzirina. Ekigula omugaati nkirina. Era omugaati mba ngulina awo wennyini; naye kyokka kye mba nnina, mba nkutte kigugula, ssente abiri mu ttaano ezigula omugaati, nsobola okusanyuka nga nkutte ekigugula mu ngeri y'emu yennyini gye nnandisanyuseemu ssinga mbadde nkutte mugaati.

126 Kati, bw'oba wafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, ako ke Kabonero akalaga nti olina buli kintu kyonna eky'obununuzi Yesu kye yafiirira, kikyo, kiri mu ngalo zo. Otya okukibanjaayo?

127 Ssente ezo singa nzikwata ne nziteeka mu nsawo yange, ne ŋŋamba nti, "Naye, ssimanyi oba omugaati ogwo nsobola

okugugula oba nedda," mba nja kufa enjala. Naye jjukira nti, omusuubuzi ye agamba nti, "Nneetaaga ekintu kimu kyokka, Mw. Branham. Ssente abiri mu ttaano zokka, nga omugaati ogwetwalira." Nzirina! Amiina. Nga kiggwa.

128 Eyo y'ensonga lwaki tetulaba bintu bingi nga bikolebwa ensangi zino, Akabonero tekateekeddwaako kubeera nga kalabika, Akabonero kennyini. Weewaawo, tulina ebijingirire ebya buli ngeri, naye ntegeeza Akabonero kennyini.

129 Mulabeeyo, kati bwe tukitegeera ne tulagayo Akabonero, Obulamu obwattibwa Akabonero okubaawo, nga gwe Musaayi gwogera ku lwaffe. Mujjukire nti, Omusaayi gw'endagaano gwakkirizibwa guliko Akabonero, era Ekigambo kitukakasa ekisuubizo. Akabonero bwe bukakafu obulaga nti waliwo ebyatusasulirwa.

130 Kati, bw'oba toli kitundu ku ebyo, era, ddala, tojja kubaako kintu kyonna ky'ofuna; ojja kubeera mu kuyita buyisi mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa, nga bw'oluvaamu; bw'ogenda mu maaso ku kituuti, bw'otunula waggulu, bw'ovaawo.

131 Naye, ha, ow'oluganda, Akabonero ako bwe kamala okuteekebwa mu—mu—mutima gwo, nga okimanyi bulungi ddala nti okwo kwe kuzuukira kwa Yesu Kristo mu ggwe, wabaawo ekiba kigenda mu maaso. Tewali kintu kigenda kukukyusa. Obeera omanyi ky'oli. Okugondera mu bujjuvu Ekigambo kya Katonda kyonna mu bulamba bwakyo kukufuula asaanidde okuweebwa Akabonero, tewali kirala. "Aweereddwa omukisa oyo akola Ebiragiro Bye byonna, alyoke akkirizibwe okuba n'omugabo ku Muti ogw'Obulamu."

132 Kitegeeza, bwe tusaba, tuteekwa okuba n'Akabonero ke tulagayo akagendera awamu n'essaala zaffe. Kati ekyo tekibayitako. Bw'osaba, oteekwa okuba n'Akabonero k'olagayo ku lw'essaala yo; bw'oba tokalina, genda mu maaso osabe okutuusa nga Akabonero kazze, kubanga we katali tosuubizibwa kufuna ky'osaba. Olaba, olina okuba n'Akabonero kano okusooka; ogwo gwe mutemwa gw'osasulayo okugula, okukkiriza kwo kuba kwa kukikkiriza.

133 Kati, akabonero ak'obuwulize obujjuvu. Okutya nga kuweddewo. Pawulo atugamba nti, "Omusaayi gwogera ebintu ebisingako obulungi."

Oyinza okwebuuza nti, "Omusaayi gwogera?" Weewaawo, Omusaayi gwogera.

134 Mu Lubereberye 4:10, tukiraba nti Katonda yagamba nti—nti Kayini. . . manyanga, "omusaayi gwa Abeeri gwayogera okuva mu nsi." Tulaba mu Abaebbulaniya 12, nti, "Omusaayi gw'endagaano ya Kristo gwogera ebintu ebisingako obulungi okusinga ogwa Abeeri." Okiraba? Tukiraba nti, Omusaayi gwogera, Gwogera ku lulwo. Obulamu obukulimu bwogera okuva mu Musaayi ogwayiika. Amiina. O, ow'oluganda!

Nyabula ekyo singa buli omu akiraba. Mukiraba? Nyabula ssinga olaba kye kitegeeza, bwe Bulamu obukulimu. Okiraba, Omusaayi ogwo gukwoleka wamu na Bwo. Ke Kabonero. E . . . Kiri bwe kiti, Omusaayi gwayiibwa ku lulwo; n'ogukkiriza, kaakano Obulamu buzze mu ggwe. Kati olina Akabonero, ye Mwoyo Mutukuvu.

135 Kati bwe tusaba, tuteekwa okuba n'Akabonero ke tulagayo akagendera awamu n'essaala zaffe, nga bwe ŋŋambye, kati awo tukkirize ku lwaffe era tukozese Akabonero ku b'omu maka gaffe bonna, nga bwe kyali e Misiri, mu Yeriko, oba ne mu Bikolwa by'Abatume 16:31. Tukiraba nti Pawulo yagamba omuserikale Omuruumi, nti, "Ggwe kkiriza, n'ab'ennyumba yo bonna banaalokolebwa." Kakozese ku maka go. Bw'oba olina omwana atali mulokole, mwatulireko Akabonero, ogambe nti, "Ayi Mukama Katonda, mmubanjaayo." Lemerako. Bw'oba olina maama oba ow'oluganda lwo yenna eyabula, baatulireko Akabonero ako, ogambe nti, "Ayi Mukama Katonda, mmubanjaayo."

136 Fulumya, kasasiro yenna ow'ebintu by'ensi, okuva mu nnyumba yo, weetegekere Akabonero ako. Empale zo ez'ebinu zookye. Emmeeza kwe muzannyira zzaala zikasuke eri. Ssigala wo gw'obadde onywa muveeko. Obutakkiriza bwo n'empapula ekkanisa yo ze yakuwa bisuule eri mu kipipa kya kasasiro, gye birina okuba. Amiina. Awo obeera weeteekateeka. Kati ozzaako ki? Kati awo teekako Akabonero mu kusaba, n'obukakafu obwa nnamaddala, n'okukkiriza okwa nnamaddala. Kateekeko, Kateekeko n'obuvumu. Bw'oba oteekako Akabonero, kakasa nti buli kimu okirongoosezza. "Emitima gyaffe bwe gitatusalira musango kutusinga, tujja kufuna bye tusaba."

137 Bantu mmwe bwe muba mukyakola ebintu ebyo ebikyamu, muliyinza mutya okubaako ekintu kyonna kye musaba Katonda abakolere nga mukimanyi bulungi nti muli bakyamu? Y'ensonga lwaki tutagala tudda eno n'eri. Bino ssibyogera kubaako gwe nnumya. Mbyogera kubagolola, kutereeza bintu. Munaayinza mutya okuzimba ku bisiriiza by'e Sodoma ne Gomora? Mukomeewo!

138 Ebibiina n'abaweereza balese abantu okumala gakola bye baagala, ne wataba abagambako, naye ne bawandiisa amannya gaabwe mu kitabo ne babagonnomolako ebitiibwa ebya *kino, kiri,* n'*ebirala,* nga ate bye bakola biweebuula. Era kituuse ku ddaala nti kati okukkiriza kufuuse ekintu ekita . . . kye batamanyi na kye kitegeeza. Babeera, balina ssuubi, naye si kukkiriza.

139 Olina okuddayo emabega ne weekebejja, n'okakasa nti, buli kintu kitereezeddwa era buli kimu kirongooseddwa. Bw'okimala kati awo okwate Akabonero ko, ke weekakasa nti ye Yesu Kristo mu ggwe, olwo okakozese. Bwe wataba kibaawo, kitegeeza

waliwo ekikyamu; ddayo nate, ky'olina si kye kyo. Yakisuubiza. Ye Yakisuubiza. Ggwe Kakozese. Musome Abaefeeso 2:12, bwe munaaba mufunye akadde, bwe muba—bwe muba mwagala, mujja kukisangawo.

140 Mwetegereze, ne mu Abaebbulaniya 9:11. Pawulo yagamba nti, "Okuweereza Katonda omulamu, n'ebiragiro ebiramu." Ssi kumala gagamba mbu nja kugenda nga Omwebbulaniya bwe yakolanga, n'atwala ssaddaaka ye, n'akkirira mu kkubo, nga alina sseddume y'ente ensava, n'atuuka n'agissaako emikono ne yeeyoleka wamu nayo, n'ayiwa omusaayi, n'addayo nga aggyiddwako omusango. Yakuwa yali abanja kikolebwe. N'akikola. Naye omulembe ogwaddako, ob'oly'awo beeyongera okuba abannyogovu; ob'oly'awo omuntu omu yeeyongera okuba omunnyogovu. Ekyavaamu, ne kafuuka akalombolombo akagobererwa obugobererwa mu maka.

141 Ekyo pentekoote ky'efuuse gye tuli, efuuse kalombolombo ke tugoberera obugoberezi mu maka. Tutuuka ewaka, ne tubuuza nti, "Bannaaye ppulogulaamu ebadde ku ttivi akawungeezi ka leero enyumye? Oba leero baakoze ki ku kkanisa? Mukama Yesu, wonya . . . " Mazima, ddala! Mukiraba? Kalombolombo k'amaka- . . . "Nze nno, luli nnayogera mu nnimi. Nze nno, ndi wa *kino,* oba *kiri*. Uh-huh." Ha, kalombolombo akagobererwa obugobererwa mu maka!

142 Mumanyi Katonda kye yagamba? Katonda yagamba nti, "Ebya ssava byammwe n'endiga zammwe ennume bimpunyirira bubi. Bwe kiri, ssaddaaka zammwe zifuuse ekivundu ekiwunya."

143 Ne ssaddaaka z'Ekipentekoote bwe zityo bwe zifaanana, n'ebintu bino byonna bye tukola bye twakoppa okuva mu madiini, n'abakazi baffe n'abasajja nga beeyisa nga bwe beeyisa, ekifaananyi obufaananyi eky'okutya Katonda; ne batumbula ebivuga, omuntu n'abuukabuuka awo okumala akaseera; naye ne bikoma awo, nga oyinza okulowooza babayiyeeko akalobo k'amazzi, ssinga Ekigambo kya Katonda tekijja oluvannyuma ne kibaako ne kye kyogera. Mutawaana ki? Ssaddaaka zammwe Yakuwa zitandise okumuwunyira.

144 Era kyali mu kiseera ekyo Isaaya we yajjira, n'abagamba nti, "Ndibawa akabonero ak'emirembe n'emirembe, embeerera eriba olubuto." Mukiraba, kirina kuba ekyo. Ssi nkola ezo enfu n'ebigunje eby'enzikiriza, nedda; wabula ebiragiro ebiramu, ne Katonda omulamu eyazuukira okuva mu bafu, era nga abeera mu makkati gaffe.

145 Agamu ku go, amakanisa gano bwe gatyo, abakkiriza ebintu bino, ate bawakana nti ebyo eby'Akabonero tebiriiyo. Kuba, waliwo omu eyagezaako okunkakasa n'aŋŋamba nti, "Abatume ekkumi n'ababiri be bokka abaafuna Omwoyo Omutukuvu. Be bokka bokka. Weewaawo." Ha!

146 Naye ffe abakkiriza Ekigambo, ekituufu tukimanyi, tumanyi nti kuno kwe Kubeerawo kwe okulamu. Kubanga tutegeerera ku ki nti Omwoyo ono ali mu makkati gaffe, kwe Kubeerawo kwa Kristo okulamu? Omwoyo ono akola ekintu kye kimu Kristo ky'akola. Obwo bwe bukakafu kwe tutegeerera. Omuzabbibu gutegeererwa ku bibala byagwo. N'olwekyo bwe kiba nti omuzabbibu guli ogwasooka bwe gwavaayo baaguwandiikako Ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume, era nga ekintu kye kimu Yesu kye yakola, n'abatume kye baakola; kitegeeza omuzabbibu ogwo bwe gunaddawo nate, era gujja kukola ekintu kye kimu. Mukiraba, Abaebbulaniya 13:8 wagamba nti Ye omu, ha, bannange, kikakasa nti Katonda Yamuzuukiza ku lwaffe, okusinziira ku Kigambo Kye ekyasuubizibwa. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

147 Akabonero akaasuubizibwa! Abaefeeso 4:30 wagamba nti, "Temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda, eyabateesaako akabonero okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwammwe." Ssi okutuusa ku lukuŋŋaana lw'okudda obuggya oluddako. "Okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwammwe!" Obeera obatiziddwa okuguyingiramu, okusinziira ku Abakkolinso Ekisooka 12. Ate mu Ye mwe muli obulamba bwonna, era mu Ye tewali kibi kyonna kirabibwa. "Oyo azaalibwa Katonda tayonoona. Ensigo ya Katonda ebeerera mu ye, kale tasobola kwonoona." Nga ayinza atya okwonoona, nga alimu Akabonero? Akabonero bwe bukakafu obulaga nti akkiriziddwa.

148 Weewaawo, ggwe, oyinza okugamba nti, "Naye nze nnyonoona." Kati, ekyo kitegeeza Akabonero tokafunanga. Okiraba?

149 Akabonero gwe muziziko ogukukugira, kalaga nti omuwendo gusasuddwa. Ssetaani ssinga agezaako okukikuwa . . . Lowooza ku kino. Ssetaani ssinga agezaako okubaako obulwadde obw'engeri yonna bw'akulwaza, oba ssinga agezaako okubaako ekintu kyonna ky'akuwa, ky'olina okukola okimanyi? Mulage Akabonero ko. Kituufu, Omukristaayo asobola okulwala. Mulage Akabonero ko, omukakase nti ggwe wagulibwa Katonda. "Muziyize ssetaani, naye anaabaddukanga." Akabonero kakwatire waggulu w'okukkiriza kwo okutanyeenyezebwa mu Kigambo Kye ekyasuubizibwa.

150 Katonda lumu yawa musoke nga akabonero. Mmaliriza. Yawa musoke nga akabonero. Nsigazzayo eddakiika nga kkumi, bwe ziggwaako tubeere n'olunyiriri lw'okusabira abalwadde. Yasigala mwesigwa eri akabonero ako. Yakikola? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ne gye buli eno Akyali mwesigwa. Mu nkumi n'enkumi z'emyaka gino gyonna, Talemwangako, kukoolesa, wadde omulundi ogumu guti. Yasigala mwesigwa eri akabonero ako, kitulaga nti lubeera

Ye a . . . era taliremererwa kussaamu kitiibwa bubonero Bwe. Ssifaayo oba . . .

151 Yesu ssinga amala emyaka mutwalo nga tannajja, Akabonero ojja kusigala nga okalina, Asigala akyalina okukassaamu ekitisibwa. Ebintu ne bwe bikyuka okwenkana wa, ne wabaawo bino na biri, Akabonero ako Asigala alina okukassaamu ekitiibwa. Yagamba Ajja kukikola. Kale. Kati Atusuubira okwolesa Akabonero Ke, nga tukalagayo waggulu w'okukkiriza kwaffe Katonda kwe yatuwa, eri buli nzikiriza yonna ey'obulimba etakkiriza esangibwa mu ggwanga lino ne mu nsi yonna, abakkiriza nti obubonero n'ebyewuunyo tebigoberera bakkiriza. Era tubeere beesigwa eri Akabonero kano, kubanga Ke kakakasa nti ebisale by'entambula bisasuddwa era tukkiriziddwa okuba mu kuzuukira, tubanga tulina Obulamu bw'Akabonero munda mu ffe.

152 Obwo Bubaka obusala, naye ge Mazima. Ekyo kye twetaaga, ge Mazima. Katonda atuyambe okumanya Amazima. "Mulimanya Amazima, n'Amazima galibafuula ab'eddembe." Njatula nga ŋŋamba nti Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Nzikiriza nti Katonda awa Omwoyo Omutukuvu nga Akabonero, mu kiseera kino, nga okuva kw'Omugole tekunnabaawo, nga a—afuluma ekkanisa.

153 Nzikiriza waliwo ebintu ebitaliimu makulu bingi nnyo, nga abantu boogera nga bwe baaleekaana, nga bwe baayogera mu nnimi. Ebintu ebyo mbikkiririzaamu; naye ebyo tosobola kubyesigamako. Oyinza otya okubyesigamako, nga ate Ekigambo okigaana? Okiraba?

154 Akabonero kye Kigambo nga kirabisibwa mu ggwe, nga kyolesa obulama bwaakyo. Ye Katonda nga yevvuunulira Ebibye. Teweetaaga kugamba mbu, "Kale, kati, ggwe vvuunula olulimi lwe njogedde." Ssi ebyo. Ye avvuunula obulamu bwo nga akozesa Kigambo. Bw'Atwala ekigambo kyo, kyonna ky'oli, n'ayolesa Ekigambo Kye nga akozesa ekigambo kyo ekyo, waba teweetaagisa kuvvuunulwa kwonna, kuba weekuli. Katonda Ye yevvuunulira ebintu bye Ye, era ebisuubizo bino eby'ekiseera kino tubadde tubirina.

155 O, Dallas, mmwe Abakristaayo abalungi, ebintu bino leka bireme kubawugula leero, bye mulaba bigenda mu maaso, kubanga bigenda kusaanawo. Teekako Akabonero ako bulijjo, Akabonero ako leka kabeere nga kalabika. Soma Bayibuli. Tuukiriza buli kimu. Bwe weesanga nga omwoyo oguli mu ggwe Ekyo tegukikubira "amiina," kisingako oddeyo, okyuse kye wafuna, ofunemu Akabonero; kubanga tokafunanga.

156 Kati nkimanyi ebyo bingi nnyo okuba nti byogerwa olw'eggulo lumu. Kati essaawa ndaba ziri kkumi kitundu. Kano ke kaseera, era kyandibadde kirungi we zinaawerera

ekkumi n'emu ne tuba nga tufuluma nga tumalirizza olunyiriri lw'ab'okusabirwa.

157 Mukkiriza nti Yesu Kristo mulamu era afuga leero? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mukkiriza nti kye mbagambye ge Mazima? ["Amiina."] Ke Kabonero, kye kisaanyizo ekikubanjibwa. Nze kyokka kye nsobola okukola kwe kwogera Amazima. Njogera ekyo kyokka kye ndaba, ne kye mpulira, n'ekyo ekiba kimbikkuliddwa. Era lwaki kino nkyogera, ku nkumi n'enkumi gy'emirundi egyo gyonna, tewali mulundi na gumu lwe kyali kiremye okutuukirira, kati oyo ateekwa kuba Katonda. Oyo ateekwa kuba nga Katonda. Kati, obuweereza bwe butyo Katonda asobola okubuwa omuntu atamanyi ky'ayogerako? ["Nedda."] Ddala Katonda asobola okweyoleka nga omulabi wali eri, ate n'akuba enkyukira n'amuwa Ekigambo ekitabuletabule? ["Nedda."] Omuntu agaana Ekigambo ekyo, y'eyatabulwatabulwa. Ate Katonda tatabuddwatabuddwa. Katonda Ye yevvuunulira Ebibye.

158 Funa Akabonero! Totebenkerera ku kya kufuna kkanisa gye weegattako oba ku nkola ey'engeri yonna, oba ekintu kyonna. Funa Akabonero! Kanyweze. Kye kintu kyokka Katonda ky'ajja okukkiriza. Bw'olituuka mu kaseera ko, nga otuusizza okufa, Akabonero ako osaanye osangibwe nga kakuliko; nga olina obukakafu nti ku lunaku luli olw'okujja Kwe, mu kuzuukira kuli, Akabonero ako nsobola okukalagayo. Tekaliba mu mubiri guno, guliba gwavunda ne guggwaawo; naye mu Mwoyo guno, ogutasobola kufa, bwe Bulamu Obutaggwaawo, omwo Akabonero mwe kawummulira. Era Yasuubiza n'agamba nti, "Nange ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero."

159 Yesu Kristo y'omu oyo ali wano. Ye Mubaka. Ye. . . *Buno* bwe Bubaka, era Ye Mubaka ali wano okukakasa Obubaka Bwe. Ssi nze Mubaka. Ye ye Mubaka, era *Buno* bwe Bubaka. Kati ggwe bw'oba n'omwoyo atakkiriziganya na *Bwo*, omwoyo oyo asobola atya okuba nti ye Mubaka w'Obubaka? Akabonero kokka ke kajja okukakasa. Amiina.

160 Mpulira nnyingidde mu mwoyo. Ddala nkiwulira. Mpulira nga asobola okubuuka ne ŋŋenda mu kaseera kano kennyini, kubanga mmanyi Oyo gwe nnakkiriza, era ndabye obulamu bwange nga bweyoleka wamu naye mu kuzuukira Kwe. Okubeerawo Kwe kuli wano. Mukukkirize, ab'emikwano, mbasaba mukukkirize, munda mu mitima gyammwe.

161 Mmanyi ffenna tujja mu maaso wano ku kituuti ne tusaba. Eyo yali nkola ya Bamesodisiti. Mu Bayibuli tewali we baakikola. Bayibuli egamba nti, "Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa." Bwe kiri. Mu Bayibuli temuli we boogerera ku bantu kujja ku wolutaali kulokoka. Ekyo ffe abaakyeyongererako, naye tekirina mutawaana. Ekintu kyonna Katonda ky'awa omukisa, tekiba na mutawaana.

162 Kiringa eky'okusiiga amafuta ku ngoye. Mu Bayibuli temuliimu kintu bwe kityo. "Baatwalanga obutambaala n'ebiremba okuva ku mubiri gwa Pawulo."

163 Naye engeri yonna gy'oyagala okukikolamu, tewali buzibu, awo mu katebe ko, ku wolutaali, wonna wonna. Ekikulu kiri nti, funa Akabonero Ako, mu bulamu bwo. Bw'omala weekebere nga ggwe, weetegereze ekika ky'obulamu obuddirira bwe buli, olabe oba nga ddala Akabonero kakuteekeddwaako oba nedda. Bw'olaba nga tonnakafuna, oteeke ku bbali, kyonna ky'obeera ofunye, okomewo, okutuusa nga ofunye Akabonero.

164 Leka tusabe. Kitaffe ow'omu Ggulu, oba oli awo njo—njo—njogedde sseegendereza, naye, Mukama, omusumaali guyinza gutya okunnywera okuggyako nga gukomereddwa ne guggumira? Nsaba, ayi Kitaffe, nti kino kinnyikizibwe era kinywezebwe mu mitima gy'abantu, balabe nti ssi kintu eky'okwepanka obwepansi. Ssigezaako kukkaatiriza kibiina eky'engeri emu, oba ekika, oba enzikiriza ey'obulimba, oba omuntu yenna, oba nze, oba omuntu omulala yenna. Wabula Yesu Kristo. "Ebibiina ebyo byonna nja kubikasuka," kubanga byonna bifaanagana, okusinziira ku Kigambo Kyo. "Nnyina w'abenzi oli," Bayibuli mu Kubikkulirwa 17 egamba nti, "ye yali nnyina wa buli omu ku bawala ab'enzi bali." Ate baali tebayinza kuba basajja. Baali bakazi abenzi, era bonna baagenda ku kitanda eky'okwagala ensi. Era tukiraba nti kikoleddwa, Abapentekoote n'abalala bonna.

165 Naye, Yesu, Ggwe okyali Yesu y'omu. Leka baleme kuwuliriza bubaka bwa kkanisa; wabula bawulirize Obubaka bwa Kristo, nga ky'Ekigambo. Nkusaba Weeyoleke, ayi Mukama, olunaku lwa leero, wamu n'abakkiriza. Wonnya abalwadde bonna. Tusonyiwe ebyonoono byaffe, ayi Mukama. Nsa—nsaba, nga omuweereza Wo, nkwegayirira nsonyiwa ebibi byange, osonyiwe n'ebibi by'abantu bano. Nkakasa, Mukama. Buli omu ku bo awatali kubuusabuusa alina ky'ayambye mu kuwaayo, okusobola okusasulira ebi—ebizimbe, era basaasaanyizza sente zaabwe, era ba—ba—bakoze buli kimu, Mukama. Ayi Katonda, nsaba waleme kubaawo n'omu ku bo akisubwa, Mukama. Leka buli omu akifune!

166 Ekyo nki—nkikola n'obwesimbu, naye ate, ayi Mukama, Oteekwa okuba nga okitunuuliza liiso jjogi. Tukimanyi, nti okugolola ensobi kuba kwagala. Okwagala kugolola ensobi. Era nsaba. Kubanga eyo y'ensonga lwaki Ogolodde ensobi z'abantu Bo, okikoze lwakuba Obaagala, era buli kibi kirina okwanukulirwa.

167 Era, Kitaffe, nkusaba Osonyiwe ebibi byaffe kaakano, nga bwe tubyatula. Tutambulidde wala okuva w'oli, Mukama. Nneeyoleka wamu n'abantu bano Abapentekoote, Mukama. Ndi—ndi omu ku bo. Era nku—nkusaba, ayi Katonda, nti

Otusonyiwe fenna. Era otwale abamu ku bakulembeze bano obakyuse, era—era leka baddemu nate batunule e Kalivaaliyo omulundi gumu bwe guti, beerabire buli kimu kyonna kye bandifuuse, oba kufuuka mukadde oba mulabirizi, oba kyonna kye bandibadde bafuuka, bakitegeere nti mu Bwakabaka buno tetulinaamu bakulu ba waggulu. Ffenna tuli baana ba Katonda. Kaakano nkusaba Otuyambe. Weeyoleke mu makkati gaffe, olwa leero. Tusabye mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

168 Kati nga tetunnatandika lunyiriri lw'ab'okusabirwa, wayinza okubaawo omuntu nga gwe mulundi gwe ogusoose okubeera wano. Ssimanyi ggwe ani, naye ye Katonda akumanyi. Bwe mba nga bye njogedde Mazima, leka Katonda akyoolese, oba nga ge Mazima oba nedda, obwo bwe bukakafu bwaakyo. Bw'Aba yazuukira okuva mu bafu, kitegeeza Aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Yagamba mu Yokaana 14:12 nti, "Oyo akkiriza," ssi oyo ageegeenya okukkiriza. "Oyo akkiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola." Si bwe kiri?

169 Waliwo eyagamba nti kigamba, "'Mulikola egisingawo.'" Ddala bwe kigamba. N'agamba nti, "Kati, ffe tubuulira Enjiri, ogwo mulimu ogusingawo."

170 Ggwe kola bukozi bye Yakola, ekyo kijja kukinkakasa, okiraba, awo tunaasobola okwogera ku gisingawo. Nsobola okubalaga ebintu ebisingawo by'Akola kati ebisinga ku bye Yakola nga Ali ku nsi, ate ebyo, si na kubuulira bubuulizi Njiri; ebyo biri mu bubonero na byamagero. Naye tetulina budde kukikola. Mukkirize bukkiriza. Era nsaba Katonda w'Eggulu, Oyo eyazuukiza Yesu Kristo okuva mu bafu, era amwolesezza wano nti mulamu, gye tuli, oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, akakase Obubaka buno, nti Butuufu. Akabonero kalina okuteekebwako.

171 Kati, mmwe abalina endwadde n'emitawaana, musabe, mu bwesimbu ddala mugambe nti, "Mukama, nzikiriza nti Oli 'Kabona Omukulu asobola okukwatibwako n'embeera y'obunafu bwaffe.' Era omuweereza ono wano atutegeezezza, nti Oli wamu naffe, mu kaseera kano, kaakano nkusaba Obeere naffe wano era Weeyolese okakase nti wooli." Kati mwenna musabe, buli omu ku mmwe.

172 Kati kiri eri Katonda okubaako ne ky'ayogera. Nga kaseera kakulu! O, bannange! Nyabula ssinga musobola okubaako ne kye mutegeera, engeri gy'owuliramu nga Azze, owulira nga ensi yonna yiyo. Amiina. Ssetaani talina ky'agenda kukola, yawangulwa. Mukama wange waali wano. Byonna biri mu mikono gyaffe. Amiina.

Mbeegayiridde mwewombeeke musirike. Tewaba atambulatambula. Mutuule mukkalire tewaba aseguka.

173 Mmwe abali mu bugaali bw'abalema, ne ku bintu ebirala, muleme kulowooza nti temusobola kuyambibwa.

Mukkirize. Oyinza—oyinza, okuba obaddeko mu nnyiriri z'ab'okusabirwa eziwerako, n'otawonyezebwa, n'omulundi omulala era n'otawonyezebwa. Omuweereza eyakusabira, ssi ye yalemererwa. Kwali kukkiriza kwo, kati otandise n'okulowooza nti tewali ky'onaakola kinaakuyamba. Ggwe kkiriza.

174 Kiikino wano, Ekitangaala kino kiikino wano, kirengejjera waggulu w'omutwe gw'omukyala omuddugavu atudde erudda wano eno, ayimiridde nga emikono gye agiyimusizza waggulu *bw'ati*. Weewaawo. Obadde osaba. Weewaawo. Onzikiriza okuba nnabbi We, manyanga omuweereza We? Ekyo ssandikyogedde, kubanga kyesittaza nnyo abantu. Olina e . . .

175 Kati wano waliwo omusajja omweru, n'omukazi omuddugavu, nga bwe kyali ku Mukama waffe n'omukazi gwe yasisinkana ku luzzi, abantu ab'amawanga abiri ag'enjawulo. Yabalaga nti tewali njawulo mu mawanga. Langi z'ensusu zaffe tezirina kye zikyusa. Ffenna tuli . . . Buli omu asobola okugabira munne omusaayi. Katonda, amawanga gonna yagakola, okuva mu musaayi gumu.

176 Obeera olumizibwa omutwe, nga gukuluma nnyo ddala. N'ekirala olina omugugu ku mutima gwo, ku lw'omwana oyo. Era o . . . Omwana oyo anyigirizibwa. [Mwannyinaffe addamu nti, "Amiina."—Omuk.] Bwe kiri. Si bwe kiri? ["Amiina."] Bwe kiri.

177 Omukyala ono atudde erudda wano eno, alabikanga akulinako oluganda, ye maama wo. [Mwannyinaffe addamu nti, "Amiina."—Omuk.] Bwe kiri. ["Katonda atenderezebwe!"] Era alina ekimutawaanya.

178 Onzikiriza, nnyabo? [Maama wa mwannyinaffe addamu nti, "Amiina."—Omuk.] Onzikiriza? Ekizibu kyo olumizibwa mu mbiriizi zo. Kye kikutawaanya. Embiriizi zo ez'oku ludda lwo olwa ddyo ze zikuluma. Si bwe kiri? Yimusa omukono gwo, oba nga bwe kiri. Okulumizibwa okwo tekugenda kuddamu kukutawaanya. Ssinga Katonda ambuulira erinnya lyo onakkiriza? Muky. Lowell. ["Amiina."] Lye linnya lyo. ["Amiina."] Kale, genda makubo go, Mukama waffe Yesu akuwadde ky'obadde osaba.

179 Ku ludda olwo lwennyini awasemba waliwo omukyala omulala omuddugavu atudde, nga antunuulira, ekyo kabuze kata—kabuze kata kimuyuzeeyuze. Kati mmulaba antunuulidde. Akikkiriza. Ekyo, Ekintu ekyo ekiyimiridde awo wennyininnyini waali temukiraba? Alina obulwadde bw'ensigo. Ze zimutawaanya. Kaakano kikomye; Akuwonyezza. Amiina.

180 Lwaki temukkiriza? "Bw'oba osobola okukkiriza, ebintu byonna biyinzika." Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Waliwo . . . Mazima laba abaddugavu! Mmwe abazungu, okukkiriza kwamwe kuli ludda wa?

181 Waliwo omukyala omuddugavu atudde erudda wano eno, antunuulidde mu kaseera kano, mukyala munenenene. Alina okulumizibwa mu vviivi. Alina n'ekizibu, alina n'obulwadde bw'omutima. Weewaawo. Era alina obunafu, okujugumira n'ebirala bwe bityo, nnaddala bw'obeera ogezaako okugalamira wansi, oziyira. Okiraba? Ekyo kyabaddewo ekiro kya jjo. Jjukira, ssisoma birowoozo byo, naye mmanyi bye wasabye. Wabadde oyagala oyitibweyo olw'ekizibu ekyo, olwa leero, era Akwanukudde. Kati okaluubirizibwa n'okusituka, kubanga olina obulwadde obw'okulumizibwa mu nnyingo. Ekyo kituufu. Ate, n'ekirala, olumizibwa mu lubuto, nga mu lubuto omwo mulimu ekizimba. Ekyo kituufu. Kati onzikiriza okuba nnabbi We? Leka mmale, gakyogera. Kkiriza, onaawonyezebwa.

182 Ate olubuto *lwo* olukuluma? Naawe, ggwe atudde awo, okkiriza nti okulumizibwa kw'olina mu lubuto lwo Katonda anaakuwonya? Okikkiriza? Kale, kati osobola okufuna okuwonyezebwa kw'olubuto lwo. Amiina.

183 Wandyagadde okuva ku ssigala, ggwe nnyabo, ali erudda awo? Okkiriza nti Katonda anaakujja ku kufuuwa ssigala? Omaze ebbanga ddene nga ogezaako. Naawe, olumizibwa mu lubuto; obaddenga ogezaako okuva ku ssigala. Y'akuviraako okulumizibwa olubuto. Onaamuvaako? Mmukugobako mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okukkiriza kwo okumukwatako Ye.

Mbasoomooza okukkiriza Katonda!

184 Waliwo omukyala bambi atudde awo ali mu kusabira. . . ow'oluganda lwe ali mu ddwaaliro, omuyi ennyo, eyalwala kookolo. Bwe kiri. Ow'oluganda wo oyo kojja wo. Bwe kiri. Olabika. . . Oli mukyala wa muweereza. Kkiriza n'omutima gwo gwonna, omusajja oyo ajja kuwonyezebwa.

185 Mbasoomooza okukkiriza Katonda! Kiki ekyo? Okwo kwe kweyoleka kwa Yesu Kristo. Oyinza okubuuza nti, "Kristo kye kiki?"

186 Ye Kigambo. "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda. Era Kigambo n'afuuka omuntu n'abeera wamu naffe." "Ekigambo kyogi nnyo n'okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, ekyawula ebirowoozo n'ebigendererwa by'omu mutima." Temukiraba nti Ekigambo kizze mu makkati gaffe mu nnaku ez'oluvannyuma? Ye Mwoyo Omutukuvu ng'atwala Ekigambo kya Katonda n'ayoleka Yesu Kristo, nga ke Kabonero. Amiina. Mukkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

187 Bameka abalina kaadi z'ab'okusabirwa? Leka abo bonna abali ku *ludda* luno abalina kaadi z'ab'okusabirwa, bayimirire mu lunyiriri luno *wano* eno. Muyimirire, mmwe mwenna abali ku ludda olwo, abali ku ludda olwo bokka muyimirire wano eno mu lukuubo. Nedda, abo bokka abali ku mukono ogwa ddyo, mbasaba, tudde wali. Abakebezi, mukole omulimu gwammwe.

Bwe baggwaayo, nga ne bali abalala bayimirira, bano bwe baggwaayo, n'abali ku ludda luli nga bakola ekintu kye kimu. Kati buli muntu yewombeeke.

188 Olukuŋŋaana Omwoyo Omutukuvu yalwefuze dda, n'olwekyo ebyogeddwa n'ebikoleddwa bimala okukakasa. Bameka abakkiriza nti Waali wano? Bameka abakkiriza nti ako ke Kabonero? Bameka abakkiriza nti ky'Ekigambo? [Ekibiina kitandika okusanyuka—Omuk.] Mulabeeyo, bameka abakimanyi nti Ekitabo ky'Abaebbulaniya kigamba, nti, "Ekigambo kya Katonda kyawula ebirowoozo ebiri mu mutima"? Ekyo bameka abakimanyi? Bameka abakimanyi nti eyo y'ensonga lwaki Yesu yasobola okumanya ebirowoozo by'omu mu mitima gyabwe, kubanga Ye yali Kigambo? Bameka abakikkiriza? Bameka abakkiriza nti ekyo kye kyali ne bannabbi? Be bajjirwanga Ekigambo. Kaakati Ekigambo bwe kikomawo gye tuli, tekiikole ekintu kye kimu? Kati ddala Ekigambo ekikakasa Ekigambo, kiyinza kitya okuba ekikyamu okusinziira ku Kigambo? O, tusaasire! Mwewombeeke!

189 Abaffe, n'omukyala ono atudde wano, naye, alina ekintu ku mutima gwe. Mmaze kukyuka nti kwe kukiraba. Ssi ye ggwe Muky. Grant? Mbadde ssikimanyi. Naye ggwe Muky. Grant, kubanga nkikulabako. Otawaanyizibwa embeera ey'okweraliikirira. Olina, ne mutabani wo naye alina ekimutawaanya . . . omusaayi gwe, gubeera nga, ogutonnya. Nkusoomooza okukikkiriza! Amiina. Ye Mukama w'embeera. Ye Mukama w'okufa.

Leka tusabe.

190 Mukama waffe Yesu, nga Okubeerawo Kwo bwe kutufukako amafuta, wano mu kizimbe kino, era nga tumanyi nti ono Mwoyo Mutukuvu, nkusaba, ayi Mukama, Owonye buli muntu yenna anaakozesa obutaambaala buno.

191 Tuyigirizibwa mu Bayibuli, nti lumu, abantu Bo, bwe baali wakati mu buvunaanyizibwa bwabwe, baali basomoka Ennyanja Emmyuufu, ennyanja ne yekiika mu kkubo lyabwe, bwe baali mu lugendo lwabwe nga bagenda mu nsi ensuubize. Katonda n'atunula wansi okuyita mu Mpagi eyo ey'Omuliro, n'amaaso agajjudde obusungu, ennyanja n'etya, ne yeeyawulamu, Isiraeri ne basomoka ne beeyongerayo mu nsi ensuubize, nga bali mu buvunaanyizibwa bwabwe.

192 Ayi Mukama Katonda, leka amaaso Go gatunule okuyita mu Musaayi gwa Yesu Kristo, gayite mu Kabonero kano ke tuyimusizza waggulu w'obutambaala buno olwa leero. Era leka buli muntu yenna anaabukozesa, leka obulwadde obumuluma butye, budde emabega era leka abantu Bo basomoke bayingire mu kisuubizo eky'obulamu obulungi obweyagaza. "Okusaba okw'okukkiriza kunaawonya omulwadde." Mu Linnya lya Yesu Kristo, nsaba kibeere bwe kityo. Amiina.

193 Babuulizi bameka Abamesodisiti abali wano abakkiriza, n'ababuulizi Ababaputisiti, n'ababuulizi Abapulesibeteriyani, n'ababuulizi Ababaputisiti, n'Abaluzalaani, oba Abapentekoote? Bameka ku mmwe abakkiriza Gano okuba nti ge Mazima? Kaakati nno mujje wano eno muyimirire nange nga bwe tusabira abalwadde. Mujje wano eno, mmwe mwenna ababuulizi abakkiriza.

194 Ekyo ndowooza tekirina buzibu bwonna, si bwe kiri? Ow'oluganda Grant, tekirina buzibu? [Ow'oluganda Grant addamu nti, "Weewaawo tekirina buzibu."—Omuk.] Uh-huh.

195 Jangu wano eno, ow'oluganda. Ow'oluganda Grant alina obuweereza obw'okusabira abalwadde. Omusajja omuzira, omusajja omulungi, omusajja Katonda gw'awulira era n'ayanukula essaala ze, Ow'oluganda Grant. Ekyo ndi musanyufu okumwetooloozaako omukono gwange leero okukyogera, ate muganda wange. Kati agenda kubeera wano eno wansi nga asaba nange.

196 Bw'ojja mu lunyiriri luno, jangu nga ajja wansi w'omusalaba. Ab'oluganda, mukole ennyiriri bbiri wano eno, wano wennyini. Mukoleewo ennyiriri bbiri; abamu badde wano eno waggulu, abalala wali eri wansi.

197 Ow'oluganda Roy Borders, oli ludda wa? Ow'oluganda Roy Borders, mbadde ndowooza waali wano. [Waliwo agamba nti, "Agenda kukomawo mangu."—Omuk.]

198 Mutunuleeko wano eno, mulabe, abaweereza bano bonna! Mulabe ne bali bonna. Ekyo kindeetera okuwulira obulungi, ab'oluganda. Abaweereza b'omusaalaba, abasajja abayimiridde wano okweyoleka n'Obubaka. Kiki ekiyinza okubaawo?

199 Kaakati, mulabeeyo, kati amaaso gammwe temugatunuuliza baweereza. Bo bazze okweyoleka. Naawe bw'ojja wano, weeyole-. . . Akabonero k'oba oyimusa waggulu ogambe nti, "Ayi Mukama Yesu, ebibi byange nnabyenenya. Era bwe wakkiriza okwenenya kwange, Wampa okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Ndi muntu eyagulibwa. Ekibi, endwadde oba ekintu ekirala kyonna tebiyinza kunziyiza kugenda mu maaso. Mu buli ngeri ŋŋenda mu maaso." Ekyo ky'oba oyimusa waggulu, o, mu maaso go, oyite wano, ne Katonda anaakuwonya era ojja kuva wano nga ojaguza, nga oli musanyufu, era otereere. Mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

200 Kati buli ali munda wano, leka tukoteke emitwe gyaffe, ab'oluganda, ffenna wamu. Tetumanyi bigenda kubaawo. Tetumanyi yadde n'ekimu. Tewali nsonga lwaki omuntu yenna afuluma ekizimbe kino olw'eggulo luno nga mulwadde. Kwata Akabonero ako mu mutima gwo, oyite mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa luno, abaweereza, abaawongayo obulamu

bwaabwe eri—eri obuweereza, bagenda kuyimirira wano, bakusseeko emikono nga bw'oyitawo.

Oyinza okumbuuza nti, "Kati ekyo okoze kyaki, Ow'oluganda Branham?"

201 Njagala, buli omu ku mmwe, ategeere nti...ssi nze muwonya. N'abasajja bano balina eddembe okusabira abalwadde nga omuntu omulala yenna. Eky'amazima, nzikiriza Katonda asobola okuddamu okusaba kwabwe nga okwange tannakuddamu. Nze ndi mukoowu era nnyenjebuse, na buli kimu. Nzi—nzikiriza nti Ajja kuddamu okusaba kwabwe. Era baabano bayimiridde wano mu makkati g'ensonga, okukakasa nti, tebakwatibwa nsonyi kuyimirira mu kifo kyabwe. Nsiima abasajja bwe batyo.

202 Kati, ab'oluganda, mmanyi bwe muwulira. Nange, nange ndi nammwe. Nze nnayunze akatimba kange ku bwammwe, wano mu Texas, okusobola okukwata buli kyennyanja kyonna Katonda kye yategekera Obulamu, ekiri eyo. Nkola buli kye nsobola okukola. Ndi wamu nammwe, kikumi ku kikumi. Emirundi egimu nkaayuukira era ne mboggolera ebibiina eby'enzikiriza n'ebirala ebitali bimu. Naye ekyo tekitegeeza nti ggwe gwe mba nvumirira, muganda wange. Mba nvumirira nkola eyo eyagala okutwawukanya obutabeera baaluganda, olw'enjigiriza ey'eddiini. Tuli baaluganda okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Tulina Akabonero ke kamu. Twafuna Omusaayi gwe gumu, n'olwekyo leka tukikkirize. Tusobola okusisinkana Awo (tetusobola?), ab'oluganda, buli omu ku ffe wansi w'Omusaayi.

203 Kati, nnayawulibwa kuba Mubaputisiti. Oba oli awo ggwe oli Mumesodisiti, oba Muluzalaani, oba Mupulesibiteriyani, oba Mupentekoote, oba Abakkiriza nti Katonda ali omu bwa nnamunigina, oba Abakkiriza nti bali babiri Kitaffe n'Omwana, oba Abakkiriza nti bali baperesoona basatu mu Katonda omu, oba kyonna ky'oli, oba wa nzikiriza ya Church of God, kyonna kye kiri. Tekirina kye kikyusa. Bwe tuba n'obuntu obutonotono bwe tutakkiriziganyaako, obwo leka tubwerabire.

204 Naye waliwo ekintu kye tusobola okukkiriziganyaako, nti Yesu Kristo Omulokozi waffe yafa ku lw'ebibi byaffe, n'azuukira n'atuwa Akabonero. Era tuyimiridde wano n'essaala zaffe, okuziwaayo ku lwa baganda baffe bano ne bannyinaffe abayita mu lunyiriri lw'okusabirwa luno. Ŋŋenda kukikkiriza n'omutima gwange gwonna.

205 Nnina kye ndabye kibaawo kati kati. Amiina. Mmanyi mulowooza ndiko ekikyamu ku mutwe, naye mpulira bulungi nnyo ddala. Ssinga nsobola okusigala bwenti. Yee, ssebo. Nneewulira bulungi bwe mba bwenti.

Leka tusabe.

206 Mukama waffe Yesu, nva ku katuuti kano, nga nzikirira wansi, okweyoleka awamu n'ab'oluganda bano. Nneeyoleka wamu nabo, nga ffenna bwe tukutte Akabonero kaffe mu mikono gyaffe, ne mu mitima gyaffe. Nga bwe tugondera ekiragiro Kyo nti, "banaateekanga emikono ku balwadde, nabo banaawonanga." Leka buli muntu ayita mu lunyiriri luno, alageyo Akabonero ke, akakakasa nti yafuna Omwoyo Omutukuvu, era nti mwana wa Katonda eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri, era nti kino akikkiriza n'omutima gwe gwonna. Era nga bwe bayita mu lunyiriri, leka bakolimire endwadde eyo n'okunyigirizibwa kwe balina mu mibiri gyabwe. Era leka bave wano nga bajaguza, nga bamanyi nti okukkiriza kwabwe kubawonyezza.

207 Era, ayi Mukama Katonda, nga bwe twakiraze, mu Ndagaano Enkadde, okuteeka emikono gyaffe ku ssaddaaka, okweyoleka ne ssaddaaka, tuteeka emikono gyaffe ku Yesu era nga tweyoleka wamu naye. Yatuteekako emikono Gye kaakati mu buweereza, nga Yeeyoleka wamu naffe, okuyita mu bubonero n'ebyewuunyo. Naffe tuteeka emikono gyaffe ku balwadde, okweyoleka nabo, nga okukkiriza kwaffe kukwatagana n'okwabwe. Endwadde ziteekwa okugenda, era leka zigende mu Linnya lya Yesu Kristo, nga bwe tukkirira wano okukifuna.

Leka ekibiina kyonna kisabe.

208 Roy oba omuntu omulala jangu oyimirire wano ku kazindaalo, okakase nga ennyiriri zisigala zitambuzibwa bulungi.

209 Mulabeeyo, kati nga bw'ojja okuyita mu lunyiriri, jangu nga okkiriza, jangu nga osaba. Ffe tugenda kuteeka buteesi mikono ku balwadde. Jangu buzzi oyitewo. Saba. Bw'omalayo olunnyiriri lw'abaweereza bano, bw'oba obadde otambulira ku miggo gy'abalema, giteeke wansi otambule ogende. Bw'oba obadde olina kookolo, oba endwadde endala yonna, gamba nti, "Omusawo akoze kyonna ky'asobola okukola, akoze buli kimu ky'asobola, n'awunzika nga agamba nti ndi wa kufa. Ssijja kufa. Akabonero kange kaakano, Mukama. Wansuubiza emyaka nsanvu. Ŋŋenda kuyita mu lunyiriri luno wano, nga ngiyingiramu." Mukiraba, ekyo kye muba mukola. Munaakikola? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mu Linnya lya Yesu, leka kibeere bwe kityo. Amiina.

210 Kale, olunyiriri ka lutandike okutambula. [Ow'oluganda Branham n'abaweereza abalala basabira abalwadde, nga ow'oluganda omu bw'akulembera ekibiina mu kuyimba oluyimba *Kkiriza Bukkiriza* n'ennyimba endala. Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

Nzikiriza!
Okubuusabuusa kwange kwonna kuziikiddwa
mu Nsulo.

211 Mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Amiina. O, si mulungi nnyo? ["Amiina."] Abamu ku babadde ku butanda bw'abalwadde obwo n'obusituliro, basituse ne bagenda; ebyo babirese awo, ne batambula ne bagenda. O, buli muntu anaakikkiriza, asobola okuwonyezebwa kati kati. Okkiriza? ["Amiina."]

212 Leka batuwe eddoboozi ly'oluyimba, *Mmwagala,* lituwe, mwannyinaffe; oluyimba olwo olw'edda olugamba nti, "Mmwagala, mmwagala kubanga . . . "? Leka ffenna tuyimuse amaloboozi gaffe, n'emikono gyaffe, n'emitima gyaffe, eri Katonda, tuyimbe nti, "Mmwagala, Mmwagala, kubanga Ye yasooka okunjagala." Kaakano buli omu.

Mmwagala, Mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Gw'e Kaliva- . . .

213 Wuuyo omukyala, asituse n'ava mu kagaali k'abalema, atambula nga awaniriddwa abasajja babiri. "Mwa . . . " Leka tuwuubire Katonda emikono gyaffe, "Mmwagala!"

Mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
. . . gw'e Kalivaaliyo.

Leka tumutendereze kaakano, buli omu!

214 Ekitiibwa kibe eri Katonda! Nga tukwebaza nnyo nnyini ddala, Mukama waffe Yesu, olw'obulungi Bwo, Okubeerawo Kwo. O, tukwebaza olw'Akabonero, Mukama. Twalokolebwa ne tujjuzibwa Omwoyo, era Omwoyo Omutukuvu awaga mu mibiri gyaffe kaakano. Nga tukikwebaliza kino, Kitaffe! O, mu Linnya lya Yesu tukwebaza. Amiina. Amiina.

215 Buli omu mukwataganeeko mu ngalo, nga bwe mugamba nti, "Mukama atenderezebwe!" Mukwatagane mu ngalo, mugambe nti, "Mukama atenderezebwe! Mukama atenderezebwe!" (. . . ? . . .) Kale, kaakano, ffenna wamu nate:

Mmwagala,

Emikono nga tugiyimusizza, n'emitima gyaffe nga tugiyimusizza.

Mwa . . .

Kirage okuviira ddala mu mutima gwo.

Kubanga Ye yasooka okunjagala
(Onaatusiibula?)
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

216 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe n'obuwombeefu, nga bwe mpaayo olukuŋŋaana eri Ow'oluganda Grant okutusiibula; mbeebaza mwenna mwenna. Okusooka, nneebaza Mukama olw'obulungi Bwe, okusaasira Kwe, n'obukakafu bwe nsuubira bwe tulese mu mutima gwo, nti wano tetuliiwo ffekka. Omugabe waffe Omukulu ow'amaanyi ali mu makkati gaffe. Oluyoogaano lwa Kabaka mweruli mu lusiisira. Era twebaza Mukama, olw'okulaba amaanyi Ge ag'ekitalo n'okusaasira Kwe okw'ekitalo. Era kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe mu buwombeefu. Ow'oluganda Grant.

AKABONERO LUG64-0308
(The Token)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande olw'eggulo, nga 8 Maaci, 1964, mu kkanisa ya Soul's Harbor Temple e Dallas, Texas, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org